Abaebbulaniya, Essuula Ey'Okutaano n'Ey'Omukaaga [1]

. . . eya—ey'Ekitabo ky'Abaebbulaniya. Bwe tunaagivaako tuyingire mu y'omu 7, ekwata ku bwakabona bwa Merukizeddeeki. Bwe tunaabuvaako tuyingire mu, bwe tunaava ku bwakabona bwa Merukizeddeeki, tuyingire mu nnaku ezo enkulu ennyo ez'okutangirirwa, n'okwawula, okugabanyaamu okutangirirwa okw'engeri ezitali zimu. Oluvannyuma tukwate ku ssuula eyo ey'ekitalo ey'okukkiriza, essuula ey'e 11; n'essuula ey'e 12 eyogera ku, "Kussa wansi buli buzito bwonna." Okuva ku eyo tukwate ku ssuula ey'e 13 eyogera ku, "Maka gali Agataggwaawo agataazimbibwa na mikono gya bantu; wabula agaazimbibwa Katonda, yekka, eyakola Amaka gano ag'ekitalo." Nga kirungi nnyo!

2 Nsanyuse okulaba mwannyinaffe emabega wali, eyaakayingira mu lukuŋŋaana. Mmulengera wamu ne bba. Eggulo, twabadde mu lugendo waggulu eyo, mu kifo ekimu eki. . . Mbaddenga nneerowooza okuba nti mmanyi buli kanyomero na buli kafo, nga bwe nnaliko omukuumi mu kkuumiro ly'ebisolo wano mu Indiana, era nga nnakola omulimu gw'okulawuna okumala emyaka mingi. Nnali mmanyi buli kafo. Naye eggulo katono mbule, bwe twabadde engulu eri, ku ntikko y'obusozi, ku luguudo olupya.

3 Era omukyala oyo yabadde alina kookolo mu mawuggwe, naye Mukama omukyala oyo yamuwonyereza ddala. Twatutte. . . O, kati byonna engeri gye byabaddewo, twabadde awo nga tutudde. Ow'oluganda Roberson, ayinza okuba, nga waali. Mukyala we mmulengera waali, n'Ow'oluganda Wood, nga naye waali. Era twabadde engulu eyo mu mmotoka enkaddekadde, Ow'oluganda Roberson nange, n'Ow'oluganda Wood. Era twakutte emmotoka eyo, ne tuvuga ne twambuka waggulu, ku ntikko y'akasozi. Era nga tuli eyo Mukama gye yatulagidde byonna ebikwata ku nsonga eyo eya kookolo. Era ne tuyimirira awo ne tulaba kookolo oyo nga ava ku mukazi. N'amaaso gaffe gennyini, twayimiridde awo ne tulaba kookolo oyo nga ava ku mukazi. Era oluvannyuma yakubidde mukyala w'Ow'oluganda Wood essimu; era yabadde aŋŋamba, nti yamugambye nga bwe yabadde awandula ebintu ebyo ebiddugavu. Era wuuno wano enkya ya leero, atudde mu kkanisa, wamu n'omwami we omwagalwa, banyumirwa akaseera akalungi mu Mukama. Mukama si mulungi nnyo?

4 Kati nnabadde simanyi nti e. . . Bwe mbeera wano, emirundi

egisinga, ku bantu ba wano, sitera kubalabako kwolesebwa. Wano we waka. Era, ntegeeza, mu kkanisa wano.

5 Ku ssande, wiiki nga emu emabega, twa. . . Bameka abaaliwo abaalaba omusajja eyali mu kagaali k'abalema? Nga muzibe w'amaaso, tasobola kwetengerera, nga obusuwa bw'obwongo bwonna bwafa, nga n'ab'eddwaliro lya Mayo baamukongokako. Naye—naye omusawo omu mukwano gwange Omukatuliki n'amusindika ajje wano. Naye bwe nnali nga sinnaba kujja mu lukuŋŋaana, mukama yandaga okwolesebwa ku musajja oyo. Ekyo mwenna mukimanyi. Era omusajja oyo n'awonyezebwa, ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mukiraba? N'asituka, n'atambula, nga akutte akagaali ke ak'abalema, nga asobola bulungi okulaba nga ggwe nange bwe tulaba. N'atambula n'afuluma ekizimbe nga bw'asindika akagaali ke, nga mulamu bulungi. N'omusuwa ogumusobozesa okwetengerera. . . Mukimanyi bulungi, nti obeera tosobola kwetengerera, mukiraba, obeera tosobolerako ddala. Era yali amaze emyaka egiwererako ddala nga ali wansi.

6 Kati n'eggulo bwe nnatuuseeyo, omukyala oyo yali yaloota ekirooto nga alaba nnyingira mu nnyumba, ku ssaawa munaana gwennyini, ne mmugamba nga bw'alina "kookolo," oluvannyuma ne ŋŋamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'awonyezeddwa.'" Era—era yazuukuse, era zaabadde ssaawa munaana zennyini. Era Omwoyo wa Mukama yasse wansi, mu kaseera ako kennyini ekirooto kiri kye—kye yaloota, Mukama yategeezezza amakulu gaakyo. Era n'awonerawo mbagirawo, awo wennyini nga tulaba. Nga kirungi nnyo!

7 Erinnya lye ndyerabidde. Ye ani? Erinnya lyo ye ggwe ani, mwannyinaze? Walton, Mwannyinaffe Walton, atudde emabega wali. Osobola okuyimirirako, Mwannyinaffe Walton? Njagala kukubuuza bw'owulira. [Mwannyinaffe Walton agamba nti, "Mpulira bulungi nnyo."—Omuk.] Amiina. Ekyo kirungi nnyo, kirungi nnyo ddala. Mulungi nnyo, okuba nti atuwa omukisa mu ngeri nga eyo. Kale kati tusuubira ekigera kya Katonda, ekisukkulumye, era eky'omuyiika.

8 Kino omusawo yali yakimukweka. Ye yamugamba kimu nga "bw'assiza mu ludda lumu lwokka." Naye nga, yali kookolo ye yali akuze nga yeekiise nga asazeeko oludda olwo olw'amawuggwe n'aba nga takyasobola kulukozesa kussa, okiraba. Kookolo tosobola kumulaba nga okozesa ekisule, kubanga kookolo kaba katofaali, ko kennyini, era buba—bulamu obwetongodde. Kale bw'o—bw'o—bw'o—bw'o—bw'ogezaako okukebera kookolo, ne ekisule obeera ojja kumuyisaamu buyisa amaaso oleme kumulaba. Tosobola kumulaba.

9 Era, naye Mukama amazima a. . . Twayimiridde awo ne tulaba kookolo oyo, ffe bennyini, ne tumulaba, n'amaaso gaffe.

Ne tumulaba nga atambula, era ne tumulaba nga avaawo, n'amaaso gaffe. Kale, tuli basanyufu nnyo olw'ekyo.

10 Era kati, mutusabire, wiiki eno, bwe tunaaba tugenze. Kati Ow'oluganda Neville ndowooza anaatandikira awo we nnaaba nkomye, ku lw'olukuŋŋaana lw'Olwokusatu akawungeezi. Kati kino temukisubwa, engeri Ekitabo kino eky'Okubikkulirwa gye kigenda nga kigoberegana.

11 Kati mmanyi waliwo essaala nnyingi nnyo ezisabiddwa, era tu—tukimanyi nti Katonda awulira okusaba. Naye era, enkya ya leero, twagala tuddemu tusabe nate era nga tetunnasoma Kitabo kino. Kati, omuntu yenna asobola, asobola okusoma Ekitabo kino *bw'ati*, oba asobola okukibikkula *bw'ati*. Naye kitwala Katonda, yekka, okubikkula okutegeera kw'akyo, kubanga Ye Yekka Asobola okukikola.

Kale leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera.

12 Kaakano, ayi Kitaffe, mu Linnya ly'Omwana Wo omwagalwa, Mukama waffe Yesu, tujja kaakano mu buwombeefu obw'ekitalo okwewaayo, nga abaweereza Bo, nga tukusaba oyogere okuyita mu ffe. Komola emimwa egigenda okwogera wamu n'amatu agagenda okuwulira, Ekigambo kisobole okwogerwa Katonda era kiwulirwe Omwoyo, ali mu bantu. Kituwe, Kitaffe. Tusaba Atwale Ekigambo kya Katonda aweereze gye tuli okusinziira nga bwe twetaaga, kubanga tukisabye mu Linnya Lye era olw'ekitiibwa Kye. Amiina.

13 Kaakati, nga bwe tusoma enkya ya leero, tuli mu kuyiga. Tetuli—tetuli mu kubuulira; naye tuli mu kuyiga ku Kitabo kino eky'Abaebbulaniya. Bameka abakinyumirwa? O, tulina akaseera akalungi ennyo ddala! Era kati tukiyigako n'obwegendereza, nga tukigenda Kyawandiikibwa ku Kyawandiikibwa. Kiteekwa . . . Bayibuli, yonna awamu, ekwatagana. Tewali Kigambo n'ekimu kitali mu kifo kya Kyo, bwe Biba nga mu kubiyigiriza Mwoyo Mutukuvu y'abisimba.

14 Kati, abantu bagambyenga nti, "Bayibuli yeekuba empawa." Awo we yeekubira empawa njagala ndabewo. Mmaze, emyaka amakumi abiri mu etaano, nga nsaba bakindage, naye tewali n'omu yali avuddeyo kukindaga. Bayibuli teyeekuba mpawa. Bw'eba yeekuba empawa, kitegeeza si Bayibuli. Yakuwa ow'ekitalo, ataliiko kkomo mu kumanya tayinza kwekuba mpawa Yekka, n'olwekyo Bayibuli teriimu kukubagana mpawa kwonna. Abantu be bagitegeera ekifuulannenge.

15 Kaakati okusobola okussaawo omusingi omutonotono kwe tugenda okuzimbira, tugenda kuddayokko emabega. Kati, Ekitabo ky'Abaebbulaniya kyawandiikibwa Omutukuvu Pawulo, nga ebbaluwa gye yawandiikira Abaebbulaniya. Alina gye yawandiikira Abaefeeso, nga abo be bantu abaali mu Efeeso, Ekkanisa y'Abakristaayo eyaliyo; alina gye yawandiikira

Abaruumi abaali e Rooma; ne gye yawandiikira Abaggalatiya; ne gye yawandiikira Abaebbulaniya.

16 Kati, twakiraba nti Pawulo, okusooka kwa byonna, yali muyigiriza wa Bayibuli. Ekyo kye kimu ku bye twayiga. Era nga yatuulanga wansi w'omuyigiriza ow'ekitalo, omu ku abo abaali basingirayo ddala mu biseera ebyo, ayitibwa Gamalyeri. Era yali ategeera bulungi Endagaano Enkadde. Yali agimanyi bulungi. Naye n'afuuka ayigganya ekkubo eryali Ekkubo lya Kristo, kubanga yali yayigirizibwa mu Ndagaano Enkadde wansi w'abayigiriza. Naye abayigiriza, emirundi egisinga ab'omubiri . . . Ka nsuubire soogedde bubi.

17 Naye, emirundi egisinga, omuntu bw'aba n'okuyigirizibwa obuyigirizibwa kwokka n'enkola ey'ettendekero gye yasomera, emirundi egisinga okuyigiriza okwo kuba kwagunjibwa bantu. Mukiraba, kuba tekuluŋŋamiziddwa kubanga kuba kwafuuka njigiriza ya ttendekero eryo. Amatendekero ago leero tugalina. Abapulesibiteriyani, Abaluzalaani, Abapentekoote, buli limu ku matendekero gano lirina enjigiriza eyaalyo, kati mu njigiriza ezo mwe bawagika Ebyawandiikibwa.

18 Era bwe kityo bwe kyali ne mu Ndagaano Enkadde. Naye, Pawulo, kuba yali yatendekebwa bulungi, era nga amanyi Ebyawandiikibwa okuyita mu kigambo. Naye, olaba, Ebyawandiikibwa, k'obeere nga obimanyi bulungi okwenkana wa, Omwoyo bw'atabiwa bulamu, awo we kituukirira nti ennyukuta etta. Naye Omwoyo y'aleeta Obulamu. Mukiraba, Omwoyo ateekwa okubiwa obulamu, oba okubiramusa. Omwoyo bw'atawa Kigambo bulamu kukifuula Kya nnamaddala gy'oli, olwo ennyukuta ebeera magezi ga ntegeera ya mu bwongo kyokka. Y'ensonga lwaki tulina abantu bangi leero abeeyita Abakristaayo, manyanga abaatula nti Bakristaayo, kireeteddwa kutegeera Kristo mu magezi ga ntegeera ya bwongo.

19 Ekivuddemu kwe kuwaba ne tuva ku mulamwa ne tudda mu bya, "Kati, oli yalina okubaako ne ky'awulira; naawe olina okubaako ne ky'okola." Okuva awo, o, ebyo tujja kubyogerako, mu maaso eyo. Omu yalina okuleekaana. Abamesodisiti baalina okuleekaana, okukakasibwa nti baamulina. Abapentekoote baalina okwogera mu nnimi, okukakasibwa nti baamulina. Ate, o, waaliwo, be baayitanga Abajugumira, baalina okusooka okujugumira. Weewaawo. Ab'edda . . . Beetawulanga nga bwe badda eno n'eri, abasajja ku ludda olumu, n'abakazi ku ludda olulala. Mukiraba? Abajugumira. Awo Omwoyo Omutukuvu bwe yabakkangako n'abaleetera okujugumira. "Olwo ne bakakasibwa nti bamulina." Naye byonna byali biwulikika buwulikisi nga eby'ekitalo. Ku byonna tekwali kya Mazima.

20 Katonda abeera mu Kigambo Kye. "Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira, okuwulira Ekigambo." "Mwalokolebwa lwa kukkiriza, okuyita mu kisa." Si lwa kintu kirala kyonna, oba

wajugumira, oba wayogera mu nnimi, ka kibeere kiki ekibaawo. Byonna tebirina kakwate konna nakyo, yadde. Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo. Oyo awulira Ekigambo Kyange n'akkiriza," ne kifuulibwa ekiramu gy'ali, "alina Obulamu Obutaggwaawo." Ky'ekyo. Si nsonga buntuntu bwa ngeri ki bw'okola.

21 Kati, sivumirira kujugumira, oba okwogera mu nnimi, oba okujugumira, o, oba oku—okuleekaana. Ebyo byonna birungi. Birungi nnyo. Naye ebyo bibala bubala. Mukiraba? Nsobola okunoga apo okuva ku muti ne ngikuwa, naye obeera tofunye muti. Mukiraba? O . . . Ebyo bibala bubala.

22 Okulimba, okubba, okunywa omwenge, okunywa sigala, okukuba zzaala, n'obwenzi, ebyo si kye kibi kyennyini, ebyo bibala bya butakkiriza. Mukiraba? Ebyo o—o . . . Ebyo obikola kubanga oli mwonoonyi. Okiraba? Naye okusookera ddala oli mwonoonyi. Ye nsonga lwaki obikola, kubanga tokkiriza. Naye bw'oba okkiriza, ebyo tojja kubikola. Ojja kuba na kwagala, ssanyu, mirembe, kugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, bulungi, bukkakkamu, buteefu, bugumiikiriza. Ebyo bye bibala by'Omwoyo Omutukuvu. Mukiraba?

23 N'olwekyo ensonga lwaki tulina obuntuntu buno, obucamuukiriza, eri lwakuba omuntu yawaba, n'ava ku kkubo ery'edda, eryassibwaawo ery'Ekigambo. Kirina kuba Kigambo. "Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira."

24 Kati Pawulo bwe . . . Katonda yalonda Pawulo. Abantu bo baalonda Matiya. Bwe ya . . . Baakuba akalulu ne bamulonda, naye tewali n'ekimu kye yakola. Ekyo kiraga obuyinza ekkanisa bw'erina, mu kusalawo, okwerondera abadiikoni baabwe, n'okusindika ababuulizi baabwe mu bifo ebitali bimu. Ekyo emirundi egisinga obungi, kikolebwa mu mubiri.

25 Omuntu mumuleke agende eyo Katonda gy'aba amuluŋŋamizza okugenda. Ekyo nkyagala nnyo. Abantu bwe batuula mu lukiiko ne basalawo ne bagamba nti, "Kati, tulina wano ekkanisa ennungi. Ow'oluganda ono azimbye ekkanisa ennungi. Naye ffe tulina omuntu waffe gwe twagala." Bajja kumusindika mu kkanisa eno. Naye tebakimanya nti baba betta bokka. Mukiraba? Ekiddirira, omusajja oyo bw'agendayo, tasobola kugya mu kifo kya musajja oli omulala. Ekivaamu nga ekkanisa baginafuya, olw'okugezaako okulaga obuganzi eri munnaabwe. Lubeerera bwe kityo bwe kibaddenga.

26 Naye nzikiririza mu buyinza obw'enkomeredde obw'ekkanisa ey'omu kitundu. Weewaawo. Leka buli kkanisa ebeere nga yeemalirira, yeerondere abasumba baayo, abadiikoni baayo, na, buli omu yenna. Era bwe kikolebwa, mu ngeri eyo, omusajja oyo aba alondeddwa nga omusumba w'ekkanisa eyo tabeera na mulabirizi waggulu we amufuga. Omwoyo

Omutukuvu bw'abaako ne ky'ayagala okutegeeza ekkanisa eyo, tekibeetaagisa kusooka kubaako muntu yenna gwe beebuuzaako oba basaanye okukola *kino* oba *kiri*. Wabula abeera musajja oyo nga ssekinnoomu y'ayogerezeganya butereevu n'Omwoyo Omutukuvu. Mundage nga mukozesa Bayibuli oba nga waliwo omuntu omulala yenna, mu Bayibuli, ali waggulu w'omukadde w'ekkanisa ey'omu kitundu? Bwe kiri, yee, ssebo, okwemalirira kw'ekkanisa ey'omu kitundu, buli kkanisa yonna ku bwayo. Kati, bw'oyogera ku bwasseruganda, bulungi. Amakanisa gonna gasaanye okuba mu bwasseruganda bwe gatyo, nga gakolaganira wamu. Naye twogera ku kwemalirira kw'ekkanisa ey'omu kitundu!

27 Mulabeeyo Pawulo, eyali omuyigiriza nnakinku, eyatendekebwa obulungi, lumu yali mu lugendo, nga agenda e Damasiko, okukwata abantu abaali mu Nzikiriza eno eyali empya. Kati, yali mwesimbu. Katonda takulamula kusinziira ku bwesimbu bwo. Sirabanga bantu beesimbu kusinga bakaafiiri. Bangi ku bo battira n'abaana baabwe, obwemage, oku—okubawaayo nga ssaddaaka eri ebifaananyi. Obwesimbu si y'ensonga. Omuntu asobola okunywa asidi, nga mwesimbu, nga alowooza anywa kintu kirala. Okubeera omwesimbu tekikulokola. "Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, naye enkomerero yaalyo ge makubo ag'okufa."

Pawulo yali mwesimbu bwe yayimirirawo nga omujulizi, mu buyinza bwe, bwe baali bakuba Suteefano amayinja. Oluvannyuma nga wayiseewo emyaka, njagala nnyo okwetonda kwa Pawulo, yagamba nti, "Sisaanidde na kuyitibwa muyigirizwa wadde okuyitibwa omutume, kubanga nnayigganyanga Ekkanisa n'okubatta ne mbatta." Naye yakikolanga mwesimbu!

28 Naye bwe yali mu lugendo nga agenda, waliwo ekyamutuukako. Omwoyo Omutukuvu yakka wansi mu Mpagi ennene ey'Omuliro, n'Emuziba amaaso. Kati, ekyo twakyogerako, nti Empagi y'Omuliro eyo yali Kristo. Era Ye Mpagi y'Omuliro y'emu eyakulembera abaana okubayisa mu ddungu. Kristo yali Katonda, era Katonda yali Kristo. Katonda yayambala omubiri n'abeera mu mubiri gwa Mukama waffe Yesu. "Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali," nga alaga kiki ky'Ali.

29 Mu Bayibuli emabegako wano, mu nnyiriri ze tubadde tusoma, twakirabye nti, "Yakolebwa nga abulako katono okuba nga Bamalayika. N'ayambala enkula, si enkula ya Bamalayika, naye yayambala enkula ey'omubiri ogw'ennyama." Bamalayika si be baali baagwa, na bwe kityo si be baali beetaaga okununulibwa. Abalina emibiri egy'ennyama be baali baagwa, abantu, na bwe kityo be baali beetaaga obununuzi. N'olwekyo, mu mateeka ag'edda, omusajja, okusobola okuba o—omununuzi, okusooka yalina okuba n'oluganda ku oyo gw'anunula;

okusinziira ku Kitabo ekikulu ekya Luusi, twakiyigako, gye buvuddeko. Era twalaba nga Katonda, eyali Omwoyo, engeri gye yafuuka ow'oluganda lwaffe, nga afuuka omu ku ffe, asobole okutununula era atuwe Obulamu Obutaggwaawo. Yalina okufuuka ffe, olwo ffe okuyita mu kisa tusobole okuba nga Ye.

30 Era twalaba Empagi y'Omuliro eyakulembera abaana ba Isiraeri. Era bwe Yafuulibwa omubiri wano ku nsi, ne tumuwulira lumu nga ayogera, n'Agamba nti Ye yali Empagi y'Omuliro eri. Baamubuuza nti, "Ky'Otegeeza oli mukulu okukira jjajjaffe Ibulayimu?"

31 N'abagamba nti, "Ibulayimu bwe yali tannabaawo, nga NDI." NDI oyo yali ani? Ye Mpagi ey'Omuliro eyali mu kisaka ekyali kyaka n'omuliro, ekijjukizo eky'olubeerera okuyita mu buli mulembe; si mulembe ogwo gwokka, naye ne mu mulembe guno, Empagi y'Omuliro y'emu. Era tuli basanyufu enkya ya leero okuba nti tulina n'ekifaananyi kya Yo, okulaga nti Takyukanga. Ye Oyo Ow'omukisa, Atafa, era Ataggwaawo. Akola ebintu bye bimu ne kaakano bye Yakola mu kiseera kiri, era ekyo nga kituleetera okubugaana essanyu!

32 Naye nga Pawulo tannakkiriza kintu kino ekyamutuukako . . . Nga akimanyi bulungi nti Malayika wa Mukama ye yali Empagi y'Omuliro, eyali Kristo, e . . . Kuba, Ye yali Malayika ow'Endagaano, era nga ye yali Kristo. Musa yalowooza bulungi, nti, manyanga yalondawo okubonaabonera awamu n'abantu ba Kristo, n'okukulemberwa Kristo, okusinga eby'obugagga by'e Misiri byonna. Yagoberera Kristo, eyali mu nkula ey'Empagi y'Omuliro.

33 Ne Kristo n'agamba nti, "Nnava eri Katonda," bwe Yali wano ku nsi, "Era Nzirayo eri Katonda." Oluvannyuma lw'okufa Kwe, okuziikibwa, n'okuzuukira, nga omubiri gwe ogugulumiziddwa gutudde ku mukono ogwa ddyo ogw'Ow'ekitiibwa, olw'omulimu ogw'obwegayirizi; Pawulo yamulaba nga Empagi y'Omuliro, nate: Ekitangaala, ekyabulako akatono okumuggyamu amaaso; ne kimuziba amaaso.

34 Peetero yamulaba bwe Yajja mu kkomera nga Ekitangaala, n'amugguliraawo enzigi n'afuluma. Twakiraba nti Ye Alufa era ye Omega, Ow'olubereberye era Ow'enkomerero.

35 Era Wuuno wano naffe, leero, nga akola ebintu bye bimu bye Yakola mu kiseera kiri, nga Yeeyoleka mu lwatu gye tuli, nga akiraga eri bannassaayansi.

36 O, mu kiseera kino ekibi ennyo eky'ekizikiza n'obutabangako ebijjudde ku nsi, tusaanye okuba abantu abasingayo okuba n'essanyu mu nsi yonna, okusanyuka, olw'okumanya bye tumanyi. Nga buli kaseera, abantu bayigirizibwa enjigiriza eza buli ngeri, era nga waliwo obubondo obwa buli ngeri ku nsi, naye mu kiseera kye kimu, leero, Katonda

yennyini, omulamu, okuyita mu Kigambo Kye n'obukakafu Bwe obulabikako, atulaga nti Ali wano naffe, nga akola, nga atambula, nga mulamu, nga akolera ddala nga bw'azzenga Akola. Nga tuli bantu ba mukisa nnyo, okubeera ne kino! Tusaanye oku . . . Bayibuli egamba, awo, mu ssuula ey'oku 2 nti, "Ebintu bino kitugwanidde okubinyweza. Kubanga, tuliwona tutya bwe tugayaalirira obulokozi obukulu obwenkanidde awo?"

37 Kaakati, twakiraba nti, Pawulo bwe yali tannakkiriza kintu ekyo ekyamutuukako . . . Kaakati, tuli mu kukinnyikiza. Kati, ne bw'olifuna obumanyirivu obufaanana butya, mmwe ekkanisa, njagala mbeeko ne kye mbasaba. Ne bwe buba bulungi okwenkana wa, ne bwe bulabika nga obwannamaddala okwenkana wa, buteekwa kusooka kukeberebwa na Bayibuli. Lubeerera bulina okuba nga bukwatagana n'Ekigambo! Ekyo temukivangako, okutwalamu obumanyirivu obw'engeri yonna.

38 Ne Pawulo, bwe yali tannakikkiriza, yagenda mu Buwalabu, n'abeera eyo okumala emyaka esatu, nga ageseza ekintu kino ekyamutuukako n'Ekigambo. Era we yakomerawo, yali mukakafu. Tewali kyali kiyinza kumuyuuza, kubanga yali anyweredde ku Kigambo, nga tasagaasagana. Era wano w'akyukira okulaga Abaebbulaniya bano nti, ebintu ebyo eby'ekitalo ebyayogerwako, eby'Endagaano Enkadde, byalabisibwa mu Yesu Kristo. Ekyo nga kya kitiibwa!

39 Kati, ku Ssande ewedde, manya ku Lwokusatu oluwedde, Ow'oluganda Neville, mu ssuula eno ey'oku 5, alina ebifo ebikulu bye yagenda nga akoonako, kubanga ssuula nnungi nnyo. Era twamulaba bwe twali twogera ku ssuula ey'oku 4, ku Ssande ewedde, nga ayogera ku *Ssabbiiti*, okukuuma Ssabbiiti. Mukakasa, enkya ya leero, mumanyi okukuuma Ssabbiiti kye kitegeeza? Bwe muba mumanyi kye kitegeeza, muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

40 *Ssabbiiti* kye "Kiwummulo" kye tuyingiramu, si lwa kubaako lunaku lwe tukuuma, si lwa kubaako tteeka lye tukwata, wabula lwa kuyingira mu Kristo nga ye Ssabbiiti yaffe. Ye ye Ssabbiiti yaffe. Twakirondoola okuyita mu Ndagaano Enkadde yonna, ne tulaga nti ekiseera kirijja Ekigambo lwe kiribeera "lunyiriri ku lunyiriri, kiragiro ku kiragiro." Era Yakakasa nti twayingira mu Kiwummulo Kye ku Lunaku lwa Pentekoote, "Kubanga kino kirireetera abakooye okuwummula, okulekera awo."

41 Twakiraba nti, "Katonda yayawula olunaku mu Dawudi, nga ayogera ku lunaku olw'omusanvu." Era, "Katonda n'awummula ku lw'omusanvu." N'aluwa a—abaana ba Isiraeri mu ddungu. "N'era, n'Ayawula olunaku olulala." Lwali lunaku ki? Lwali lunaku gundi mu wiiki? "Olunaku lwe muliwulira Eddoboozi Lye, temukakanyaza mitima gyammwe." Olwo lwe

lunaku lw'Ayingira munda, okukuwa emirembe Egitaggwaawo, Ssabbiiti Etaggwaawo.

42 Awo, obeera tokyagenda ku kkanisa ku Ssande, kubeera bubeezi munnaddiini. Bw'ozaalibwa Omwoyo wa Katonda, oyingira mu Kiwummulo emirembe gyonna, waba tewakyaliwo bya kukuuma ssabbiiti. Obeera *mu* Ssabbiiti munda, olubeerera, emirembe n'emirembe, ne mu Butaggwaawo. "Emirimu gyo egy'ensi giba gikomye," Bayibuli bw'egamba, "era obeera oyingidde mu mirembe gino egy'omukisa."

43 Essuula zino ettaano ezisooka zisimba Yesu nga bw'ali Kabona Omukulu. "Katonda mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera naffe okuyita mu Mwana We, Yesu," essuula 1, olunyiriri 1.

44 Kati ate bw'okkirira wansi okutuusa essuula ey'oku 5 w'ekoma, tumulaba nga ayogerwako nga Merukizeddeeki, Oyo ataalina lunaku lwe yatandika kubaawo, wadde enkomerero y'obulamu, wabula abeerera Kabona emirembe gyonna. Kirowoozeeko. Omusajja ono ow'ekitalo yali ani? Tujja kukituukako, mu ssuula nga bbiri mu maaso awo, tujja kuyiga, ku bulamu Bwe bwonna: Omusajja ono ow'ekitalo Eyasisinkana Ibulayimu, Ataalina kitaawe, ataalina nnyina, Ataalina lunaku lwe Yatandika kubaawo, era Atalina kiseera lw'Alikoma kuba mulamu. Era Yasisinkana Ibulayimu nga ava okutta bakabaka.

45 Mwekkaanye Omuntu ono ow'ekitalo, Kyonna kye Yali, na buli kati akyali mulamu. Teyalina nkomerero ya bulamu. Yali Kristo, gwe yasisinkana. Ekyo tujja kukiyigako mu buziba, mu nnaku ntono ezijja mu maaso awo.

46 Kati, kaakano twagala tutandikireko wano eno ku ssuula ey'oku 5, okusobola okuteekawo omusingi omutonotono nga tetunnakwata ku—ku ya 6, kubanga kintu ekikulu ennyo ddala. Mwekkaanye n'obwegendereza. Tugenda kutandikira nga ku lunyiriri olw'o 7 olw'essuula eno. Naye, leka tutandikire ku lunyiriri olw'o 6.

> *Era nga bw'ayogera awalala nti, Ggwe oli kabona emirembe gyonna ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.*
>
> *Oyo mu nnaku* ze *ze yabeereramu mu mubiri gwe, bwe . . . yawaayo okusaba n'okwegayirira n'okukaaba . . . n'amaziga eri . . . eri* oyo *eyayinza okumulokola okuva mu kufa, era bwe yawulirwa olw'okutya;*
>
> *Newankubadde nga* yali *Mwana, naye yayiga . . . okugonda olw'ebyo bye yabonaabona;*

47 Kati wano we njagala okutuuka, olunyiriri luno olw'o 9. Muwulirize. Ndowooza Ow'oluganda Neville yakikoonako, ku Lwokusatu. Ssaaliwo. Naye, muwulirize.

Awo bwe yamala okutuukirizibwa, n'afuuka ensibuko y'obulokozi obutaggwaawo eri abo bonna abamuwulira;

Katonda gwe yayita kabona asinga obukulu ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.

Gwe tulinako ebigambo ebingi okwogera,. . .

48 Ekyo tugenda kugira tukikomezza awo, kubanga tujja kukwata ku Merukizeddeeki mu nnaku ntono ezijja.

49 Kati ku kino kwe tugenda okutandikira, eky'okuyigako kyaffe kye tugoberera. Muli mpulira. . . Ne bino ebisigadde leka mbisome, olunyiriri olw'e 11.

Gwe tulinako ebigambo ebingi okwogera,. . . ebizibu okutegeeza, kubanga mufuuse baggavu b'amatu.

Kubanga. . . bwe kibagwanira okubeera abayigiriza olw'ebiro ebyayita, mwetaaga *nate omuntu okubayigiriza ebisookerwako eby'olubereberye eby'ebigambo bya Katonda; era mufuuse abeetaaga amata,* mu kifo ky'*emmere enkalubo.*

Kubanga buli anywa amata nga tannamanya kigambo kya butuukirivu: kubanga mwana muto.

Ha, ka nsuubire nti ekyo Omwoyo Omutukuvu akinnyikirizza ddala ku ntobo y'emitima gyammwe.

Kubanga oyo *a—anywa amata nga tannamanya kigambo kya butuukirivu: kubanga* aba *mwana muto.*

50 Omwana omuwere bw'omuwa emmere enkalubo, obeera ojja kumutta. Y'ensonga lwaki abantu bangi bagamba nti, "Ah, nze ebyo si—ssibikkiriza," ne batambula ne bagenda. Baba bakyali bawere! Tebayinza kutegeera. Tebayinza kutegeera Mazima ago. Ga—Gabatta. Waliwo ebintu ebikulu, eby'amaanyi ekkanisa by'esaanidde okumanya leero, naye tosobola kubiyigiriza. Ba—ba—ba—ba—babyesittalako. Tebamanyi kya kubikolera.

51 Paawulo nga ayogera eri ekibiina kino eky'Abaebbulaniya. . . Ate, nga ayogera na bayivu, abayivu, abaasoma ne bakuguka. Tujja kukiraba, mu—mu kaseera katono, abayivu ddala. Naye Ekyama eky'omwoyo eky'obuziba, ekkanisa ekyazibiddwa amaaso obutakiraba. Yagamba nti, "We musuubirwa okuba abayigiriza abalala, ate mukyali baana bato."

52 O, mmanyi waliwo bangi abavaayo ne bagenda nga bagamba nti, "Ha, nze sikyetaaga kugenda ku kkanisa. Katonda yeebazibwe, Omwoyo Omutukuvu yajja, Ye muyigiriza." Bw'ofuna endowooza eyo, obeera mukyamu. Kubanga Omwoyo Omutukuvu kiki ekyamuteesa abayigiriza mu Kkanisa bw'aba nga Ye yali agenda okuba Omuyigiriza? Mukiraba? Okusooka waliwo abatume, bannabbi, abayigiriza, ababuulizi b'enjiri, n'abasumba. Omwoyo Omutukuvu yateekawo abayigiriza mu Kkanisa, Asobole okuyigiriza okuyita mu muyigiriza oyo.

Kati okuyigiriza okwo bwe—bwe kuba tekukwatagana na Kigambo, Katonda takukakasa, era kitegeeza si kuyigiriza kutuufu. Kuteekwa okukwataganira ddala ne Bayibuli yonna mu bulamba bwayo, n'eddamu n'eba nnamu leero nga bwe Yali mu biro biri. Ekyo kye kintu kyennyini nga kirabisiddwa.

53 Kati mwetegereze.

> *Naye emmere enkalubo y'abo. . . abakulu, abalina* amagezi *agayigirizibwa. . .* okugakozesa *okwawulanga obulungi n'obubi.*

Ne bategeera ekituufu n'ekikyamu, okuyita mu kwawula emyoyo.

54 Kaakati mwetegereze, kati tugenda kutandika ku ky'okuyigako kyaffe. Tubadde ku musingi guno ogw'amaanyi, kati leka tugende ku lunyiriri 1.

> *Kale tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo,. . .*

Ategeeza ki? Essuula zino zonna ettaano zibadde zoogera ku Kristo, okulaga kiki ky'Ali. Kati tuleka okwogera ku bigambo ebyo eby'olubereberye ebya Kristo.

55 Twamulaba nga Y'ani? Twamulaba nga Ye Katonda Yakuwa Omukulu nga alabisiddwa mu mubiri. Twakiraba nti te—teyali nnabbi bunnabbi kyokka, wabula ye yali obulamba bwa Katonda bwonna nga bwambadde omubiri. Yali Yakuwa nga ayambadde omubiri. Era omubiri, nga ye Yesu, Yakuwa yagutuulamu butuuzi. Katonda nga ali mu muntu. Katonda ng'atabagana n'omuntu, okuyita mu muntu, olw'okuzaalibwa kw'Omwana We omu yekka nga azaalibwa omukazi embeerera. Olwo Yakuwa, Omwoyo, n'atuula mu Ye.

56 Kati, bameka abajjukira okuyigiriza okukwata ku Bulamba bwa Katonda, nga bwe twaddayo emabega ne tulaba Katonda bwe yali nga musoke ow'amaanyi n'Omwoyo mu ngeri ez'enjawulo, nga bwe Yali? Oluvannyuma Logos eyava mu Katonda, eyafuuka omubiri ogw'enkula ey'omwoyo, era ogwali mu kifaananyi nga eky'omuntu. Musa gwe yalaba nga Guyitawo, bwe yali awo enjazi we zaawukanira. Oluvannyuma omubiri ogwo ogw'enkula ey'omwoyo gwafuulibwa ddala omubiri gw'ennyama ey'omuntu, Kristo.

Era ne tukiraba nti ffe, okuyita mu kisa Kye, tulina Obulamu Obutaggwaawo. Kati, ekigambo *emirembe gyonna* "kiriko ekkomo; kya kiseera ekigere." Kigamba, mu Bayibuli nti, "Emirembe *ne* emirembe," waliwo akagambo akagatta ebigambo. Naye *emirembe gyonna* kitegeeza "kiseera." Naye Obutaggwaawo kitegeeza emirembe egitakoma. Era buli kintu kyonna ekyalina entandikwa kirina enkomerero, naye ebyo ebitaalina ntandikwa tebirina nkomerero. N'olwekyo Katonda teyalina ntandikwa era Talina nkomerero.

57 Kale, n'olwekyo, Merukizeddeeki, Kabona omukulu, nga omuntu, Teyalina ntandikwa era Talina nkomerero. Era naffe, okuyita mu mubiri ogwo ogw'enkula ey'omwoyo, mu ogwo, mwe twakolebwa mu kifaananyi kya Katonda nga ensi tennatondebwa; omubiri ogwo ogw'omwoyo bwe gwafuulibwa omubiri ogw'ennyama ne gubeerako gye tuli, kati, okuyita mu kufa Kwe, naffe tufuna Omwoyo We era tufuuka abatalina nkomerero; Obulamu Obutaggwaawo; si kufuuka Bamalayika, wabula nga tuli basajja na bakazi. Ha, si. . .Nnyabula, ssinga mbadde n'engeri gye nsobola okukirambululamu eki—ekibiina kyange ne kisobola okukitegeera! Tolibeera Malayika n'omulundi n'ogumu. Katonda weewaawo yakola Bamalayika, naye era Katonda yakola n'abantu. Era Katonda ky'akola kiba kivudde ku Katonda, nga Tekiggwaawo nga ne Katonda bw'ataggwaawo. Era omuntu Taggwaawo nga n'Omutonzi we bw'ataggwaawo, kubanga yaggyibwa mu Butaggwaawo.

58 Naye ekibi kirina enkomerero, okubonaabona kulina enkomerero. N'olwekyo tewayinza kubaayo ggeyeena Etaggwaawo. Kituufu waliyo ggeyeena, eyaka omuliro n'olunyata, ekyo tukimanyi, naye teri ggeyeena Etaggwaawo. Waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka era Katonda yekka y'abulina. Bw'oba ow'okubonaabona emirembe gyonna, kiba kitegeeza olina Obulamu Obutaggwaawo. Ggeyeena erina lw'erikoma, eyinza okubeerawo okumala obuwumbi n'obuwumbi bw'emyaka, naye erituuka n'ekoma.

59 Bayibuli, terina wantu wonna w'egambira, nti baabonaabona Obutaggwaawo, wabula egamba nti, "Emirembe n'emirembe." Ne Yona, yalowooza nti yali mu lubuto lwa lukwata "emirembe gyonna." *Emirembe gyonna* kirina ebbanga oba ekiseera ekigere. Naye *Obutaggwaawo* bweyongerayo olubeerera, tebulina ntandikwa wadde enkomerero. Bulinga mpeta, enkulungo. Era ebiseera byaffe gye bikoma okugenda mu maaso, tubeera twetooloorera ku bigendererwa bya Katonda ebikulu.

60 Ekigendererwa kya Katonda kyali kya kukola muntu mu kifaananyi Kye, asobole okussa ekimu naye. Era yamukola nga kitonde ekikwatikako. Kati, ekibi kyatuleetako embeera eya—eya—ey'okuvunda, naye ekyo tekiyimiriza nteekateeka ya Katonda. N'olwekyo, ggwe mukwano gwange omwonoonyi, leero, bw'oba tozaalibwanga mulundi gwakubiri na Mwoyo wa Katonda, olina lw'olisisinkana enkomerero yo. Era enkomerero yo kaliba kavuyo, giriba mirembe, na kubonaabona na nnaku. Naye eri ggwe eyakkiriza Mukama waffe Yesu, era n'omusembeza nga Omulokozi wo, ggwe Toggwaawo nga Katonda bw'ali Ataggwaawo. Tolina nkomerero, "Ndimuwa *Zoe* Ataggwaawo, Obulamu bwa Katonda Mwene, era talizikirira wadde okujja mu Musango, wabula aba asomose n'ava mu kufa n'adda mu Bulamu." Ekyo kye Yali. Ekyo kye Yajja okukola.

61 Kati, Yesu, mu kujja Kwe, okw'obwakabona Bwe, teyajja kusaasirwa. Abantu bangi bwe batyo bwe bakiyigiriza, mbu Yajja, nga agamba nti, "Kale, oba oli awo bwe Nnaabonaabona, Nnaalabika nga—nga—nga eyeetaaga okukwatirwa ekisa era abantu mazima ddala bajja kujja Gyendi." Eyo nsobi. Tewali Kyawandiikibwa kyogera bwe kityo.

Kubanga, buli muntu yenna ow'okulokolebwa, Katonda yamumanya nga ensi tennatondebwa. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Kati, Katonda, tayagala muntu yenna kuzikirira. Bonna Ayagala beenenye. Naye, nga bw'ali Katonda, olw'okumanyirawo kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo Yakimanya.

62 Mwetegereze mu Abaruumi, essuula ey'o 8. Pawulo bwe yali ayogera awo, nga ayogera ku kulonda kwa Katonda, yagamba nti, "Esawu ne Yakobo, abaana bombi bwe baali tebannazaalibwa, oba ekintu kyonna, Katonda yagamba nti yabamanya era Yakyawa Esawu n'ayagala Yakobo," nga tewali n'omu ku bo y'afunye—y'afunye kakisa kwoleka kusiima kwe, kubanga yali Katonda. Amanyi . . . Taliiko kkomo mu kumanya. Bw'Aba taliiko kkomo mu kumanya, kitegeeza Yamanya buli nkukunyi, buli nsowera, buli kabu, na buli kintu kyonna ekyali eky'okuba ku nsi, byonna Yabimanya. Ye Katonda ow'omukisa, ataliiko kkomo mu kumanya, Ataggwaawo, atafa, ayinza byonna, abeera wonna, amanyi byonna. Tewali kintu kyonna ky'Atamanyi. Y'ensonga lwaki Asobola okumanya enkomerero bw'eriba. Yali amanyi enkomerero okuviira ddala ku ntandikwa.

63 Obunnabbi kwe kumanya Kwe. Ye muwolereza omukulu. Ye—Ye mu—Ye Mulamuzi. Era Ayogerako bwogezi eri—eri looya n'amuwa ku magezi Ge. Era ekyo obunnabbi kye buli, okusobola okulangirira ekintu nga tekinnabaawo, kubanga Amanyi ebigenda okubaawo. Kaakati, oyo ye Katonda gwe tuweereza. Si Katonda ow'ebyafaayo, si nga abagoberezi ba Buddha n'abagoberezi ba Muhammadi, n'abalala. Naye, Katonda abeera wonna, ali wano wennyini mu kaseera kano kennyini, enkya ya leero, mu kkuŋŋaaniro lino kati; Yakuwa Omukulu, NDI, Oyo Eyeetowaza mu bukkakkamu, n'ayambala omubiri ogw'ekibi. Wuuno wano. Oyo ye yakununula. Tewayinza kubaawo mulala yenna, awantu wonna, ekiseera kyonna ayinza okukikola.

64 Katonda teyalina bantu basatu waggulu eyo, n'atumako omu ku bo, Omwana We. Yali Katonda, Mwene, ye yajja mu nkula ey'Omwana. Kati omwana aba n'entandikwa, era Omwana yalina entandikwa. Ekyo, abamu ku mmwe mikwano gyange Abakatuliki, nnina ekitabo kyammwe ekiyitibwa, *Ebikulu Ebikwata Ku Nzikiriza Yaffe*, nga mugamba nti, "Omwana wa Katonda Ataggwaawo." Ddala ekigambo ekyo obeera ogenda kukinnyonnyola otya? Obeera ogenda kukinnyonnyola otya kikole amakulu? Ayinza atya okuba Ataggwaawo? Eyo

si Bayibuli. Ekyo kitabo kyammwe kye kyogera bwe kityo mbu, "Omwana Ataggwaawo." Teba . . . Ekigambo ekyo si kituufu. Kubanga, ekintu kyonna ekiyitibwa omwana kiba kirina entandikwa, ate ekintu Ekitaggwaawo tekiba na ntandikwa, n'olwekyo tayinza kuba mwana Ataggwaawo. Kristo yayambala omubiri n'abeerako gye tuli. Yalina entandikwa. Tewali mwana Ataggwaawo. Wabula waliwo Obutaggwaawo obw'obwa Katonda, so si obw'omwana. Kati, Yajja kutununula, era Yatununula.

65 Kati, Pawulo, bwe yatuuka awo, kye nkakasa nti mukitegedde bulungi okuyita mu masomo ge twakayitamu. Lumu, tuliddamu ne tukiyitamu, Mukama nga ayagadde, ne tukigenda lunyiriri ku lunyiriri. Kati.

> *Kale* nga bwe tulina . . . *tuleke okwogera ku—ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka mu kutuukirira;* . . .

66 Ekyo kibeesittaza, si bwe kiri? Tukole ki?

> . . . tuyitirire *okutuuka mu kutuukirira; obutateekawo mulundi gwakubiri* misingi . . .

67 Mulabeeyo. Leka twogere ku kigambo kino "okutuukirira." Okimanyi nti waliwo engeri emu yokka gy'oliyimirira mu Kubeerawo kwa Katonda? Nga kwe kubeera nti, otuukiridde. Katonda tayinza kugumiikiriza bintu bitali bitukuvu.

68 Kati mmwe abagoberera amateeka: oyinza otya okwetuukiriza, nga tolina kintu na kimu ky'osobola kukozesa kwetuukiriza? Wazaalibwa mu kibi. N'olubuto lwo lwennyini lwafunibwa mu kibi. Okwagala kwennyini mwe wava okubeera wano nakwo kwali mu kibi. "Wazaalibwa mu kibi, watondebwa mu kwonoona, n'ojja mu nsi nga oyogera bulimba." Kati ogenda kuyimirira wa?

69 Oliwa, ggwe omwonoonyi, a—agamba nti, "Nze nja kulekera awo okunywa ssigala. Nja kugenda mu Ggulu"? Oli wa, ggwe eyeeyita Omukristaayo, kyokka nga oli wa kibuguumirize, era atakyuuka, ggwe atambula n'obwenyi obunyiikaavu nga bw'ogamba, mbu, "Nze, nnina ekkanisa mwe nsabira"? Mwonoonyi gwe. Bwe kiri. Okuggyako nga ozaaliddwa Omwoyo wa Katonda, wabula. Ekyo kituufu.

70 Oligenda otya mu Ggulu? Mbu, "Ssirimbangako mu bulamu bwange." "O, bambi. Yali—yali Malayika, okusooka kwa byonna." Obwo bulimba. Ssifaayo oba oli mulungi okwenkana wa; oli mwonoonyi. Era tolina yadde ekintu ekimu kiti; tewali kabona, tewali bisopu, tewali kalidinaali, tewali paapa, wadde omulala yenna asobola kukulokola, kubanga naye ali mu mbeera y'emu mw'oli. Ekyo tugenda kukituukako mu kaseera katono. Naye ali mu nkula y'emu yennyini. Ya . . . ppaapa w'e Rooma yazaalibwa mu kibi, n'abumbibwa mu kwonoona, n'ajja mu nsi nga ayogera bulimba, yazaalibwa kuyita mu kwegomba

kwa kwegatta wakati w'omusajja n'omukazi. Ogenda kujja wa obutuukirivu okuva mu ekyo?

71 "Weewaawo, kitaawe ne nnyina baazaalibwa mu ngeri y'emu, n'abaabazaala nabo baazaalibwa mu ngeri y'emu, jjajjaawe omukazi ne jjajjaawe omusajja ne bajjajja abalala bonna." Kyonna kyali kibi, okusookera ddala!

72 Kati ani ayinza okugamba nti *ono* mutukuvu n'*oli* mutukuvu? Waliwo omuntu omu yekka omutukuvu, nga oyo ye Yesu Kristo, Omwana wa Katonda omulamu, Oyo eyatuukirizibwa. Ate nga kye tubanjibwa kwe kubeera abatuukiridde. Kati, tunaakituukiriza tutya? Kigezeeko, ku bubwo. Ssiyinza kweyibaala kugezaako kugenda mu Ggulu lwa bulungi bwange nga ŋŋamba nga bwe mbadde, "Nnaakazaalibwa eddakiika ttaano ezaakayita, naye mu kaseera kano kennyini ŋŋenda kuva mu nsi." Mba wa kubula. Ka mbeere nga sifunanga kirowoozo kibi mu bulamu bwange, nga soogeranga kigambo kibi mu bulamu bwange, ka mbeere nga situnuuliranga kintu kibi kyonna, nga sirowoozanga kintu kibi kyonna, oba ekirala kyonna, nsigala ndi muvundu era nga nzirugala nga ebisenge bya ggeyeena ebijama. Nsigala ndi mwonoonyi.

73 Nsobola okuzaalibwa ne nzigalirwa mu kisenge obulamu bwange bwonna, nga abamu ku babiikira ab'ekibiina ky'Abakalumeeri oba mu ngeri bw'etyo, ne siraba bigenda mu maaso mu nsi, ne mbeera omwo nga nsaba obulamu bwange bwonna, ne nkola bulungi, oba ne nzaalibwa nga ndi nnaggagga ne ngabira abaavu ebyange byonna, nsigala ndi mwonoonyi era nja kugenda mu ggeyeena. Yee, ssebo.

74 Nsobola okwegatta ku kkanisa ey'Abaluzalaani, oba ey'Ababaputisiti, oba ey'Abapentekoote, oba ey'Abapulesibiteriyani, nga nkyali muwere, ne mbeera mwesigwa eri ekkanisa eyo okutuusa lwe mpeza emyaka kikumi, obulamu bwange ne bwekenneenyezebwa, nga tewali muntu ayinza kubusongako lunwe n'agamba nti "Yali alowoozezza ekirowoozo ekibi," era nsigala nja kugenda mu ggeyeena awatali kubuusabuusa kwonna nga bwe nnyimiridde wano.

75 Nsigala ndi mwonoonyi. Ekyo kituufu. Ssirina kye nnina. Tewali ngeri yonna, wadde n'akatono, gye nnali nnyinza kufuna muwendo yadde—yadde omutono bwe guti ogw'okusasula. Katonda yali abanja kufa. Kati bwe nnandiwaddeeyo obulamu bwange, bwe nnandiwaddeeyo obulamu bwange, ate nnandyenenyezza ntya? Kubanga, o. . . Ebbanja lirina okusasulwa, okusooka. Era Katonda ye Yekka eyali asobola okuwaayo obulamu Bwe ate n'abweddiza. N'olwekyo Yali asobola okufuuka ekibi, n'awaayo Obulamu Bwe ate n'abweddiza, n'agamba "obwenkanya" bukoleddwa, ebbanja ne liba nga lisasuddwa. Kiikyo.

76 Kati leka tubikkule mu Matayo, essuula ey'o 8, nzikiriza we kiri, essuula ey'o 7 oba ey'o 8. Tugenda kulaba Yesu ky'agamba erudda wano. Kale. Matayo, essuula ey'oku 5. Era . . . Yesu, nga abuulira, mu kubuulira ku bisaanyizo bya bannamukisa, olunyiriri olw'a 47.

Era bwe munaalamusanga baganda bammwe bokka, munaabasinzangawo ki? n'abamawanga tebakola bwe batyo . . . ? (Mwekkaanye.)

Kale mmwe mubeerenga abatuukirivu, . . . (Ekiki?)

Kale mmwe mubeerenga abatuukirivu, nga Kitammwe ali mu ggulu bw'ali omutuukirivu.

Ekyo kyali kiragiro kya Yesu, "Mubeere bwe mutyo."

77 Bagamba mbu, "Tewali muntu ayinza kutuukirira, Bayibuli egamba nti, 'Tewali n'omu atuukiridde.' Ndowooza olaba bwe yeekuba empawa." Ddala okakasa nga yeekuba empawa? Kale.

78 Tosobola kutuukirira ku bubwo nga omuntu. Bw'oba weesiga ebyo bye wakola, awo obeera obuze. "Kale mubeerenga abatuukiridde era nga ne Katonda bw'ali atuukiridde." Kati:

Kale mmwe mubeerenga abatuukirivu, nga Kitammwe . . . mu ggulu bw'ali omutuukirivu.

79 "Kale . . ." Kati essuula ey'o 5, essuula ey'o 6 eya Abaebbulaniya.

Kale tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka ku *kutuukirira; . . .*

80 Kati, mmwe, Ekkuŋŋaaniro lya Branham. O, mmanyi mugamba, "Tulina okuwonyezebwa." Ekyo kirungi nnyo. "Tulina okwolesebwa." O, ekyo—ekyo kirungi. Mulina n'ebirooto eby'omwoyo, weewaawo oluusi tebiba na birooto bya mwoyo. Era—era emirundi egimu mu . . . "Ffe, tugezaako n'okuyamba abaavu. Tukola kye tusobola." O, ebyo byonna birungi, naye ekyo si kye twogerako kati. Wano tuyingira mutendera mulala.

. . . tuleke . . . enjigiriza . . .

81 "Ha, weewaawo, tulina enjigiriza ya Kristo. Tukkiriza nti Ye yali Omwana wa Katonda, era nti yazaalibwa mbeerera. Ekyo tukikkiriza, wamu ne bino byonna." Ekyo kirungi nnyo ddala.

82 Naye, "Ebyo bwe tumala okuba nabyo, leka tusukkewo tuyitirire okutuuka ku kutuukirira." Ha, bannange! Nnyabula wano ssinga mbadde n'eddoboozi nga erya malayika omukulu, ne nsobola okukiggyayo we musobola okukirabira obulungi. Kati agamba nti, "Nga tuleka enjigiriza ekwata ku Kristo," abo bonna—abaasomerera eby'eddiini bonna, n'enjigiriza y'eddiini yonna gye tumanyi, n'ebikwata ku Kristo bw'ali Katonda, nga bwe Yali Katonda ayambadde omubiri, n'ebintu ebirala bino byonna.

83 Byonna Pawulo agenda mu maaso n'abinnyonnyola wano eno, mu ddakiika ntono. Leka tusooke tukisome, tweyongereyokko mu maaso, nga tetunnakituukako.

> . . . *obutateekawo mulundi gwakubiri* misingi *kwe kwenenya ebikolwa ebifu* . . .

Kati, ekyo tukikkiriza.

> . . . n'*okukkiriza* eri *Katonda,*

N'ekyo tukikkiriza.

> *N'okuyigiriza okw'okubatiza,* . . .

Engeri entuufu bw'olina okubatizibwa, n'ekyo tukikkiriza.

> . . . *n'okuteekako emikono,* . . .

Tukkiririza mu kuteekako emikono, si bwe kiri? Mukiraba, ebyo byonna, tubikkiriza.

> . . . *n'okuzuukira kw'abafu,* . . .

84 N'ekyo tukikkiriza. Kaakati mwetegereze. Mulabe wano, "Omusango," ekigambo ekyakozesebwa kiri nti "Ogutaggwaawo." Kitegeeza gwa mirembe gyonna. Katonda bw'alangirira omusango, guba gwa mirembe gyonna. Kitegeeza, waba tewakyayinza kubaawo kutabaganyizibwa nga omusango gumaze okusalibwa. Kati musobola okutegeera ensonga lwaki Katonda yalina okwenywera Erirye—Erirye Ye, nga bwe tuyinza okuliyita, eddagala Lye Mwene. Bwe Yasalira omuntu omusango olw'okwonoona, engeri yokka gye Yali ayinza okumutabaganya n'amukomyawo, yali Ye yennyini okutwala ekifo ky'omuntu. Y'engeri yokka gye yali asobola okutabagana, manyanga okututabaganya, yalina okutwala ekifo kyaffe n'afuuka omwonoonyi. Katonda, Yakuwa, yafuuka omwonoonyi, era n'Awaayo obulamu Bwe.

85 Kati, osobola okuwaayo obulamu bwo, nga omwonoonyi, okufa olw'ensonga. Pawulo yagamba nti, "Ne bwe mpaayo omubiri gwange okwokebwa nga ssaddaaka, nsigala ssiri kantu," kubanga tekijja kukola. Olaba, bw'ofa, ebibyo biba bikomye. Bw'ofa nga omwonoonyi, obeera obuze.

86 "Naye Katonda yakka wansi mu mubiri, n'asalira ekibi omusango mu mubiri, bwe yayambala omubiri ogw'ekibi." Kubanga, Ye yali Katonda Ataggwaawo, omubiri Gwe n'aguzuukiza, n'olwekyo Ye y'Aggyako omusango.

87 Kati, ebintu bino byonna, "Ka tuyitirire okutuuka ku kutuukirira," Pawulo bwe yagamba. Kati kiki ekiddako?

> . . . *n'omusango ogutaggwaawo.*
>
> . . . *bwe tunaakola* . . . *tutyo, Katonda bw'anaayagala.*
> (Olunyiriri olw'o 3.)

88 Kati, "Tuyitirire okutuuka ku kutuukirira." Yesu yagamba nti, "Kale mubeerenga abatuukiridde, nga ne Kitammwe ali mu Ggulu bw'ali atuukiridde."

Naye ate fenna, buli omu ku ffe, twasingibwa omusango. Ne bwe tulikola ki, twasingisibwa dda omusango. Twazaalibwa, twasingisibwa omusango. Maama wo ne taata wo baazaalibwa, baasingisibwa omusango. Bonna, bajjajjaabo bonna baazaalibwa mu kibi, era baabumbibwa mu kwonoona. Kati obutuukirivu obwo ggwe olibufuna otya? Onaabeera otya atuukiridde? Ne bwe wandibadde nga tokolanga kintu kyonna, tobbanga, tolimbangako, tokolanga kintu kyonna mu bulamu bwo, osigala gukusinga. Wasalirwa okukusinga bwe wali tonnaba yadde okussa omukka gwo ogwasooka. Wali wasalirwa dda omusango. Ekyo kituufu. Era Katonda yakusalira omusango bwe wali tonnaba na kussa mukka gwo ogusooka. Kubanga wasalirwa omusango, olw'okwegomba okw'okwegatta wakati wa kitaawo ne nnyoko, okuyita mu kikolwa kye baakola, ne bakuleeta wano ku nsi. Era ekikolwa ekyo Katonda yakisalira omusango, okuviira ddala ku lubereberye. Kale okusooka kwa byonna, ozaalibwa wasalirwa okukusinga. N'olwekyo gwe. . . Na buli muntu yenna ku nsi yasingibwa omusango wamu naawe. Kati okutuukirira okwo onaakuggya wa?

89 Mwetegereze. Leka tubikkuleko mu Abaebbulaniya, essuula ey'e 10. Muwulirize n'obwegendereza. Njagala mbeeko ne kye nsoma okuva mu ssuula ey'o 9, okusooka, olunyiriri olw'e 11.

> *Naye Kristo bwe yajja kabona asinga obukulu ow'ebigambo ebirungi ebigenda okujja, n'ayita mu weema esinga obukulu n'okutuukirira,* weema Ye Mwene, omubiri Gwe,. . .

90 Mulabeeyo, weema ey'edda. . . Mwali mukyetegerezza? Weema ey'edda yalimu eggigi munda, eryakwekanga essanduuko Katonda mwe yabeeranga. Ekyo bameka abakimanyi? Ddala bwe kiri. Kati, weema eyo ey'edda eyakolebwa abantu, entimbe ezaagirimu ezaakolebwa mu maliba g'embuzi agasiigiddwa langi, n'ebirala, byali byateekebwa mu weema okusobola okukweka Okubeerawo kwa Katonda. Bameka abakimanyi nti omuntu omu yekka ye yali akkirizibwa okuyingirayo omulundi gumu mu mwaka? Mazima bwe kyali. Yali Alooni, era yayingirangayo omulundi gumu mu mwaka. Era yali ateekwa okuba nga yafukibwaako amafuta. Era—era, ha, nga yaliko ebisaanyizo! Era yali ateekwa okugendayo nga akutte omuliro mu mukono gwe; era ssinga kaamutanda n'agendayo nga tagulina, yandifiiriddewo amangu ddala nga yakakwata ku ggigi eryo okuliwenjula. Yandifiiriddewo mbagirawo. Yali ateekwa okuyingirayo n'akoleeza ebikondo by'etabaaza bino, n'amansira ne ku ntebe ey'okusaasira, omusaayi gw'ekyo ekittidwa, omwonoonyi kye yabanga aleese, okutuusa Kristo lw'alijja n'akituukiriza.

91 Kaakati, naye, Katonda oluvannyuma yajjira mu weema endala. Era weema eyo yali Ani? Yesu. Era Katonda yali munda mu Yesu, era Yali akwekeddwa, naye Yali atabaganya ensi okugizza gy'Ali, olw'engeri gye Yeeyolekamu. Kristo yabikkula Katonda. Yagamba nti, "Ssi Nze nkola emirimu. Wabula Kitange ali mu Nze. Nze sirina kye nkola ku Bwange okuggyako ekyo kye ndaba Kitange nga akola. Kitange ali mu Nze, y'andaga okwolesebwa kuno, olwo Nze ne ŋŋenda ne nkola ekyo Kitange ky'aba aŋŋambye okukola." Mukitegeera? Katonda yali munda mu mubiri gw'omuntu, si mabega wa maliba ga mbuzi agannyikiddwa mu langi, naye yali mulamu, era nga atambula. Katonda yalina emikono; Katonda yalina ebigere; Katonda yalina olulimi; Katonda yalina amaaso; era oyo yali Kristo. Wuuyo awo.

92 Kati, Yagenda, era mu kugenda Omwoyo n'ajja, kibeere nti okuyita mu kufa Kwe asobole okutuukiriza Ekkanisa era aleetere Ekkanisa okumugondera. Era Omwoyo y'omu eyali mu Kristo ali mu Kkanisa, nga akola ebintu bye bimu Kristo bye yakola. "Esigadde akaseera katono ensi obutandaba nate; naye mmwe mulindaba, kubanga Nja kuba nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi."

93 Kaakati muwulire kino.

> *Naye Kristo bwe* yafuuka *kabona asinga obukulu ow'ebigambo ebirungi ebigenda okujja, n'ayita mu weema esinga obukulu n'okutuukirira, etaakolebwa na mikono, amakulu eteri ya mu nsi muno;*

Teyakolebwa na mikono. Yazaalibwa atya? Yazaalibwa mbeerera.

> *So si lwa musaayi gwa mbuzi n'ennyana*, nti omubiri guno gwaweebwayo nga ssaddaaka manyanga gwatukuzibwa, *naye lwa musaayi gwe ye* . . .

94 Mukimanyi bulungi nti omusaayi guva mu kitonde ekisajja. Kati okuva awo omuntu n'agamba nti, "O, Yesu yali Muyudaaya." Teyali Muyudaaya. "O, twalokolebwa musaayi gwa Muyudaaya." Nedda, si bwe kiri. Ssinga twali twalokolebwa musaayi gwa Muyudaaya, twandibadde tukyabuze.

Yesu teyali Muyudaaya, ate teyali w'Amawanga. Yali Katonda: Katonda Kitaffe, Omwoyo, Oyo atalabika. "Tewali yali alabye ku Katonda wonna wonna, wabula oyo omu yekka eyazaalibwa Kitaffe y'amutegeeza." Yayoleka Katonda, kiki Katonda kye yali.

95 Kati n'Ekkanisa Ye erina okwolesa Katonda, okulaga kiki Katonda ky'ali. Mukiraba?

Naye tukola ki? Tudda mu kwekolamu bibiina bya buntu, ne tugamba, "Nze abo sirina nkolagana *nabo*. Abo Bamesodisiti. Abo Bapulesibiteriyani. Ssirina kye *mbaagaza*. Nze ndi

Mubaputisiti. Nze ndi Mupentekoote." Huh! Wabula, bw'oba nga ebyo by'ebiruubirirwa by'olina. Bwe kiri.

96 Ani ayinza okwenyumiriza? Ani ayinza okubaako ne ky'ayogera? Laba ekivume Abapuresibiteriyani kye baleese. Laba ekivume, ekiri ku Babaputisiti. Laba ekivume, ekiri ku Bakatuliki. Laba ekivume, ekiri ku Bapentekoote, Abanazaliini, aba Pilgrim Holiness. Laba n'abasigadde bonna.

Naye, nkusoomooza ondageyo ekivume kimu, bwe kiti, ku Ekyo. Weewaawo. Baako kimu kyokka ky'onsongerako, nga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna yagamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa gwe nsanyukira okutuulamu. Mumuwulire." Wuuyo. Oyo y'Atuukiridde.

97 Kati, leka tweyongere mu maaso n'okusoma wano kati.

> *So si lwa musaayi gwa mbuzi . . . ennyana, naye lwa musaayi gwe ye n'ayingirira ddala omulundi gumu mu watukuvu, bwe yamala okufuna okununula okutaggwaawo* . . . (Mukitegeera?) . . . *okununula okutaggwaawo ku lwaffe.*

98 Si kununulibwa leero, ate, wiiki ejja enkuŋŋaana ez'okuda obuggya bwe zitandika, n'era n'oddamu n'onunulibwa, ate awo, ha, ne tugwa ne tuddamu ne tununulibwa. Wanunulibwa omulundi gumu, emirembe gyonna. Ekyo kituufu. Si kubeera nga onunulibwa, onunulibwa, onunulibwa. "Okununulibwa Okutaggwaawo!" "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo, era talijja mu musango, wabula nga," kyaggwa dda, "avudde mu kufa n'ayingira mu Bulamu." Kubanga yajugumira? Kubanga yabatizibwa mu ngeri emu oba endala? Kubanga yalina omusaayi mu ngalo ze? "Kubanga akkirizza Omwana wa Katonda eyazaalibwa omu yekka." Bwe tutyo bwe tufuna obununuzi Obutaggwaawo.

99 Kaakano muwulirize.

> *Kuba . . . ng'omusaayi gw'embuzi n'ente ennume n'evvu ly'ente enduusi* ebyamansirwanga ku—ku . . . bimansirwa *abo abalina empitambi,* bitukuza *okunaaza omubiri:*
>
> *Omusaayi gwa Kristo, eyeewaayo yekka olw'Omwoyo ataggwaawo eri Katonda nga taliiko bulema,* tegwasinga nnyo *okunaaza omwoyo gwammwe mu bikolwa ebifu okuweereza Katonda omulamu?*

100 "Nga avudde mu kufa n'adda mu Bulamu." Ofaayo ki ku nsi ky'erowooza? Ofaayo ki ku muliraanwa wo ky'alowooza? Endowooza zaffe zaafa, era twazzibwa buggya era ne tuzaalibwa Omwoyo wa Katonda omulundi ogw'okubiri, okuweereza Katonda ow'amazima era omulamu. Kiikyo.

101 Kati mugende ku lunyiriri olw'e 10, manyanga, essuula ey'e 10, ku muko gwennyini oguddako.

> *. . . amateeka bwe gaalina ekisiikirize ky'ebintu ebirungi ebyali bigenda okujja, so si kifaananyi kyennyini eky'ebintu, ne ssaddaaka ezitajjulukuka ze baawaayo obutayosa buli mwaka buli mwaka tebayinza ennaku zonna* o-k-u-t-u-u-k-i-r-i-z-a abo abazisemberera.

O-k-u-t-u-u-k-i-r-i-r-a, kiikyo awo, "okutuukirira."

> *. . . tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye ebya Kristo, tuyitirire okutuuka* ku *kutuukirira;* . . .
>
> *Kale mubeerenga abatuukirivu, nga ne Kitammwe . . . mu ggulu bw'ali omutuukirivu.*

102 "Amateeka bwe gaalina ekisiikirize ky'ebintu ebirungi ebyali bigenda okujja," ebiragiro byonna n'okubatiza okw'enjawulo ne . . . ebintu ebirala byonna bye baalina, "byonna tebyayinza kutuukiriza musinza." Ate, nga, Katonda abanja "kutuukirira."

103 Ggwe okwegatta ku kkanisa y'Abanazaliini, tekirikufuula atuukiridde. Ggwe okwegatta ku kkanisa y'Ababaputisiti, oba ey'Abapentekoote, oba eruwa yonna, tekirikufuula atuukiridde. Ggwe okubeera omuntu omulungi, era omwesigwa, tekirikufuula atuukiridde. Tolina kintu n'ekimu kikufuula asaanidde. Toliimu kalungi konna, kakugwanyiza. Wabula. Oyinza okugamba nti, "Naye, nze nnakwata amateeka. Nkuuma ssabbiiti. Nkuuma *kino,* n'ebiragiro bya Katonda byonna. Nkola *kino*."

104 Pawulo agambye nti, "Kati ebyo byonna leka tubiteeke ku bbali."

105 "Ekyo kirungi, naye ffe *kino* kye tugenda okukola. Tujja kubatiza abantu, era tujja kubateekako emikono olw'okuwonyezebwa kwabwe n'ebirala."

106 Ebintu ebyo byonna, tusobola okubikwatako kimu ku kimu, lunyiriri ku lunyiriri. Okubatiza, tukukkiriza. "Waliwo essuubi limu, Mukama waffe omu, Okukkiriza kumu, Okubatiza kumu." Tukkiriza nti waliwo okubatiza. Tukkiririza mu kuzuukira kw'abafu. Mazima ddala. Tukkiriza nti Yesu yafa n'azuukira. Tukikkiriza. "Okuteeka emikono, ku balwadde," ekyo ky'egamba. "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Ekyo tukikkiriza.

Naye ebyo byonna kiki kye biri? Pawulo yagamba nti, "Byonna bikolwa ebifu." Ebyo ky'ekintu ky'okola nga ggwe.

107 "Kati leka tweyongereyo okutuuka ku kutuukirira." Ha, bannange! Kaakano tusemberedde okuyingira munda mu Weema, si ku musingi; wabula Weema, Weema Yennyini.

Ebyo byonna musingi: amateeka, n'obutuukirivu, ne—ne—ne—n'okwegatta ku kkanisa, n'okubatizibwa, ne—n'okussibwaako emikono. Ebyo byonna biragiro bya kkanisa.

"Naye kati leka tweyongereyo mu kutuukirira." Era waliwo Omu yekka atuukiridde, oyo ye Yesu.

108 Tumuyingiramu tutya? "Kuyita mu Bamesodisiti?" Nedda. "Bapentekoote?" Nedda. "Babaputisiti?" Nedda. "Kuyita mu kkanisa yonna?" Nedda. "Bukatuliki bw'e Rooma?" Nedda.

109 Tuguyingiramu tutya? Abaruumi 8:1.

> *Kale kaakano tebaliiko musango* abo abali *mu Kristo . . . abatatambula kugoberera* bintu bya nsi eno, *eby'omubiri*, wabula abagoberera *eby'Omwoyo*, abatawuliriza biki ensi by'eyogera.

110 Nga ne bw'olwala, omusawo n'agamba nti, "Ogenda kufa," tokiwuliriza kukissaako mwoyo, tekikweraliikiriza n'akatono.

111 Ne bwe bakugamba mbu, "Olina kusooka kufuuka Mukatuliki nga tonnalokolebwa, oba Mupulesibetereyani, oba nti olina kusooka kukola *kino*," ggwe tobifaako kubiwuliriza.

"Kale tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, abatatambula kugoberera mubiri, wadde ebintu bye balaba." Buli kintu ky'olaba n'amaaso go kya ku nsi.

112 Naye ebikulu by'ebyo by'olaba n'omwoyo wo, okuyita mu Kigambo! Ekigambo y'endabirwamu ya Katonda eraga ky'Ali naawe ky'oli. Aleeruuya! O, bannange! Kye kikubuulira. Kino kye Kitabo kyokka mu nsi ekikutegeeza gye wava, ky'oli, ne gy'olaga. Ndagaayo omuko gw'ekitabo kyonna, awantu wonna, ku ssaayaansi yenna gwe tulina na buli kimu, ku bitabo ebirungi ebyali biwandiikiddwa, ku byonna tekuli n'ekimu kisobola kubikutegeeza. *Eno* ndabirwamu ya Katonda, eraga ky'Ali naawe ky'oli. Ate, wakati ne wabaawo olukoloboze olw'Omusaayi, olulaga ky'osobola okuba ssinga obeera oyagadde okukola okusalawo okwo. Kiikyo.

113 "Ku bw'Omwoyo omu," kati, Abakkolinso Ekisooka 12. Tuyingira tutya mu Mubiri ogwo?

"Kuyita mu kukwatagana mu ngalo?" Nedda, ssebo. "Kuyita mu kwegatta ku kkanisa?" Nedda, ssebo. "Kuyita mu kubatizibwa nga twevuunise, oba nga tugalamidde ku mugongo? Mu linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu? Oba mu Linnya lya Yesu Kristo? Oba mu linnya ly'ekimuli kya Rooza ekya Saloni, oba mu Ddanga ery'omu Kiwonvu, oba mu Mmunyeenye ey'Enkya? Oba mu kyonna ky'oyagala?"

Ekyo tekirina kakwate konna nakyo. "Okwo kuba kuddamu okw'omwoyo omulungi eri Katonda." Naye tuyomba, ne twecwacwana, ne tukaayana, ne twesalamu, ne tuteekawo enjawukana. Bwe kiri. "Naye ebyo byonna bikolwa ebifu." Tugenda mu kutuukirira.

114 Ebyo bintu bye nkoze. Waliwo n'omuweereza eyakubatiza. Oba yakubatiza akuvuunise, oba nga ogalamidde ku mugongo, oba mirundi esatu, oba ena, oba gumu, oba engeri yonna gye yakikolamu, byonna tebirina kakwate nakyo yadde. Wabatizibwa kuyingira mu kussa kimu kwa kkanisa eyo, kye kyokka, nga okakasa eri ekkanisa eyo nti: okkiriza okufa, okuziikibwa, wamu n'okuzuukira kwa Kristo. Okuteeka emikono, ku balwadde bawone, ekyo kirungi nnyo, naye, ekyo kyonna kikoma ku mubiri, era omubiri ogwo gujja kuddamu guffe awatali kubuusabuusa kwonna. Gujja kuddamu guffe. "Kati ebintu ebyo byonna leka tubiteeke ku bbali, tweyongere okutuuka mu kutuukirira."

115 Tutuuka tutya ku kutuukirira? Ekyo kye twagala okumanya.

. . . Kristo *yatutuukiriza* . . .

"Katonda yateeka ku ye obutali butuukirivu bwaffe fenna. Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, n'abetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe, okubonerezebwa kw'emirembe gyaffe kwali ku Ye, era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Ogwo gwe Mubiri gwe twagala okuyingiramu. Gwe Mubiri ogwo. Lwaki? Kubanga bw'obeera mu Mubiri ogwo, tolisalirwa musango, tolirega ku kufa. Obeera wa ddembe okuva eri okufa kwonna, omusango, ekibi, na buli kimu kyonna, bw'obeera mu Mubiri ogwo.

116 "Oguyingiramu otya, mubuulizi? Nga weegatta ku kkuŋŋaaniro lino?" Era, obeera okyabuze. Ndaba, ne bw'olyegattako; tetulina kitabo kyonna mwa kukuwandiika. "Tuguyingiramu tutya? Nga twegatta ku kkanisa gundi?" Nedda, ssebo. "Oguyingiramu otya?" Oguzaalibwamu.

117 Abakkolinso Ekisooka 12.

Kubanga ku bw'Omwoyo omu fenna *tubatizibwa okuyingira mu mubiri gumu,* . . .

118 Okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, tubatizibwa okuyingira mu Mubiri ogwo, era tuba tetubalirwako kibi kyonna. Katonda aba takyakulaba; aba Alaba Kristo yekka. Era bw'obeera mu Mubiri ogwo, Omubiri ogwo Katonda tasobola kugusalira musango. Yagusalira dda omusango. Yatwala emisango gyaffe n'atwaniriza tuyingire munda. Era olw'okukkiriza, okuyita mu kisa, tutambula ne tujja tukkiriza ekisonyiwo kyaffe. Olwo Omwoyo Omutukuvu n'atuleeta mu kussa ekimu kuno wamu Naye. "Era tetukyatambula kugoberera bintu bya nsi, wabula tutambulira mu Mwoyo."

Twalamusibwa, Ekigambo bwe kyajja gye tuli. Yafa mu kifo kyange. Nnalamusibwa. Nzuuno, lumu eyali yafiira mu bibi n'okwonoona, kati nnalamusibwa. Okuyaayaana kwange kwonna kwe kumuweereza. Okwagala kwange kwonna kugenda gy'Ali. Okutambula kwange kwonna njagala kubeere mu Linnya Lye, kibeere nti buli gye ŋŋenda yonna, buli kimu kye nkola, mu byonna Ye gwe ngulumiza. Oba ndi mu kuyigga, oba mu kuloba

byannyanja, oba mu kuzannya mupiira, oba—oba mu . . . buli kimu kyonna kye nkola, nteekwa okwolesa, "Kristo mu nze," mu bulamu, obunaaleetera abantu okuyaayaana okubeera bwe batyo; si kubungeesa ŋŋambo, na kugeya, na kuwaanyisiganya bigambo ku makanisa gammwe. Mukifuna?

"Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri ogwo." "Era bwe Ndiraba Omusaayi, Ndibayitako."

119 Muwulirize. Ka tweyongere tusome wano katono, bambi.

. . . ezitaayinza *kutuukiriza* oyo *eyazisemberera.*

"Kubanga . . . " olunyiriri olw'oku 2, essuula ey'e 10.

Kubanga tezandirekeddwayo kuweebwaayo?

120 Singa zaali zisobola okutuukiriza omuntu . . . Kuba Katonda ky'abanja kwe kutuukirira. N'olwekyo singa okukwata amateeka, singa okukola ebiragiro bino byonna, byali bisobola okukutuukiriza, wandibadde—wandibadde teweetaagisa kintu kirala kyonna; obeera omaze okutuukirira. Kubanga, bw'otuukirira, obeera Toggwaawo. Kubanga, Katonda ye Yekka Ataggwaawo, era Katonda ye Yekka atuukiridde. Era engeri yokka gy'osobola okuba Ataggwaawo, kwe kufuuka ekitundu ku Katonda. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

. . . *bwe bamala okunaazibwa omulundi ogumu . . . tebandibadde na kwetegeerako* kibi *nate.*

Ekiki? "Omusinza bw'amala okunaazibwa omulundi ogumu, obutabeera na *kwetegeerako* . . . " bw'owandiika enzivuunula y'ekigambo ekyo, kiri "kuyaayaana."

. . . *omusinza* bw'amala *okunaazibwa* . . . aba *takyalina* kuyaayaana *kwa kukola* kibi.

. . . omusinza *bwe* yabanga *anaaziddwa* . . .

121 Kati singa ogamba nti, "O, aleruuya, nnalokose ekiro kya jjo. Naye, kale, Katonda ansaasire, *omukazi* oyo ye yanviriddekko okugwa. Aleruuya, lumu nja kuddamu ndokoke." Bambi musajja wattu ataayigirizibwa atali wa mwoyo. Bwe kityo si bwe kiri.

122 "Omusinza bw'amala okunaazibwa aba takyalimu kuyaayaana kwonna kwa kwonoona," Bayibuli bw'egamba. Muwulirize, nga bwe tweyongera mu maaso, okusoma.

Naye mu ssaddaaka ezo . . . okujjukizanga ebibi buli mwaka buli mwaka.

123 Kati olw'okulokola obudde, tugenda kukkirira wansi, twogereko katono ku lunyiriri olw'o 8, we njagala okutuuka.

Bw'ayogera waggulu nti, *Ssaddaaka* n'ebiweebwaayo *n'ebyokebwa ebiramba . . . n'ebiweebwaayo olw'ebibi tewabyagala, so* tewabisiima; *ebyo bye biweebwaayo nga amateeka bwe gali;*

124 Olunyiriri olw'o 9.

N'alyoka ayogera nti, Laba, nzize okukola by'oyagala, Ai Katonda. Aggyawo e. . . aggyawo. . . *Aggyawo eky'olubereberye,* nga ge mateeka, *alyoke anyweze eky'okubiri.*

125 Kale ssinga tubadde n'obudde okumala akaseera nga tuli ku ekyo. Kasita oba nga okyali Mupulesibeteriyani, oba Mupentekoote, oba Mubaputisiti, oba Mumesodisiti, talina ky'Asobola kukukozesa. Ebyo byonna alina okusooka, n'abiggyawo, olaba, Asobole okunyweza eky'okubiri. Kasita oba nga okyagamba nti, "Nze, ndi Mumesodisiti." Kati, ssirina nsonga yonna, na Bamesodisiti, oba Babaputisiti, oba Abapentekoote. Naye, ow'oluganda, te—tekirina kukoma ku ekyo. Olina okutuuka ku kutuukirira, nga kwe kuyingira mu Kristo.

126 Kati mwekkaanye kino, mu kaseera katono.

Mu ebyo. . . twatukuzibwa olw'okuwaayo omubiri gwa Yesu Kristo omulundi gumu.

127 Huh? Ka tweyongereyo mu maaso katono, ekyo tukinywereze ddala. Ekyo ka kigira kinnyikira nga bwe tusoma, "Omulundi gumu."

Na buli kabona ayimirira *buli lunaku nga aweereza* nga *awaayo* emirundi emingi ssaddaaka *ezitajjulukuka*, *ezitayinza kuggyako* kibi *emirembe gyonna:*

Naye oyo,. . .

Mwetegese? Ebirowoozo byammwe mubiggudde, kireme kubayitako, wabula kigende butereevu mu mutima? "Naye Omusajja ono." Musajja ki? Si paapa wa Rooma, si bisopu wa kkanisa y'Abamesodisiti, oba ekkanisa endala yonna.

Naye oyo, Kristo, *bwe yamala okuwaayo ssaddaaka emu* olw'ekibi okutuusa emirembe gyonna, *n'alyoka atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda;*

Nga alindirira oluvannyuma abalabe be okufuulibwa entebe y'ebigere bye.

Mwekkaanye. Kiikino kijja.

Kubanga olw'okuwaayo ssaddaaka emu ye y-a-t-u-u-k-i-r-i-za, *yatuukiriza. . .*

"Okutuuka ku kudda obuggya okuliddako"? Kigambye kitya?

. . . yabatuukiriza okutuusa emirembe gyonna abo abatukuzibwa.

Mukitegeera? "Leka tuyitirire okutuuka ku kutuukirira."

128 Kati mmwe abakkiririza mu butukuvu mugamba mbu, "Ha, weewaawo, ffe tukkiririza mu butukuvu. Aleruuya! Tukkiririza mu kutukuzibwa." Naye mutwala butuukirivu bwammwe bwe

mwekoledde. Mulekayo *kino* ne mulekayo *kiri*. Mukimanyi bulungi nti temulina kukikola.

Okuggyako nga Kristo agguddewo oluggi n'akifuula ekiramu mu mutima gwo, n'ofuuka ekifo ekitaliimu kibi nga kyafa, n'okuyaayaana kwakyo, kwonna nga kugenze. Kati ekyo bwe kibaawo, Aggyawo obutuukirivu bwo bwe weekoledde, Asobole okukkalira mu ggwe. "Era ye Kristo, Omwana wa Katonda, mu ggwe, essuubi ery'Ekitiibwa."

. . . *leka tuyitirire okutuuka* ku *kutuukirira;*

129 Tuyinza kufuuka tutya abatuukiridde? Kuyita mu kufa kwa Kristo. Si kuyita mu kwegatta ku kkanisa. Si kuyita mu bikolwa byaffe ebirungi, bye tukola. Weewaawo byonna birungi. Si lwakuba twabatizibwa bwe *tuti* oba bwe *tuti*. Si lwakuba twawonyezebwa, bwe twateekebwako emikono. Si lwa bintu ebirala bino byonna ebya, "Tukkiririza mu kufa, okuziikibwa, n'okuzuukira."

130 Pawulo yagamba nti, "Nsobola okwogera mu nnimi z'abantu n'eza Bamalayika," ezo ze nnimi ezisobola okutegeerekeka wamu n'ezo ezitasobola kutegeerekeka, ezeetaaga okuvvuunulwa, "Sirina kye ndi. Ne bwe mba n'ekirabo eky'okumanya n'okutegeera amagezi ga Katonda gonna," nga nsobola okunnyonyola Bayibuli, okuva . . . ne ngikwanaganya yonna wamu n'etakontana, "Sirina kye ndi." Kitegeeza n'okugenda ku ssomero okutendekebwa mu Bayibuli, tekuliimu makulu kiri awo, si bwe kiri? "Ne bwe mba n'okukkiriza okusobola okusenvula ensozi . . . " Kitegeeza n'enkuŋŋaana ez'okusabira abalwadde teziriimu nnyo makulu, si bwe kiri? "Ssirina kye ndi. Ne bwe mpaayo omubiri gwange okwokebwa nga ssaddaaka."

131 "Ha," abantu bajja kugamba mbu, "bannaaye omusajja oyo wa mwoyo."

132 "Naye aba talina ky'ali," Pawulo yagamba nti, "talina kya maanyi ky'ali yadde."

133 "Kubanga ka zibeere ennimi, zirikoma; ka bubeere obunnabbi, bulikoma; ka bibeere ebintu ebirala bino byonna, birikoma. Naye ekyo ekituukiridde bwe kirijja, eky'ekitundu kiriggyibwaawo." Mukiraba, ekyo "ekituukiridde." Ekituukiridde ekyo kye kiki? Kwe kwagala. Okwagala kye ki? Ye Katonda. "Leka tusse ku bbali ebikolwa ebifu bino byonna n'ebiragiro, tweyongereyo okutuuka ku kutuukirira." Mukiraba? Tutuukirizibwa kuyita mu Kristo. Tuguyingiramu tutya? Okuyita mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu.

134 "Kale, olwo kiki ekiddirira?" Obeera ovudde mu kufa n'odda mu Bulamu.

135 "Kati, kinneetaagisa okujugumira, n'okubuubuuka, okukikola?" Te—teweetaaga, teweetaaga kukola kintu kyonna.

Wakikola dda, Katonda yakuggyayo dda mu kufa n'odda mu Bulamu, era oli mulamu. Kati okuva awo ebibala by'obulamu bwo ne bikyolesa.

136 Bangi ku mmwe Abamesodisiti nammwe Abanazaliini mwaleekaana okukamala, naye nga musobola n'okubba kasooli mu musiri gwa bendi, bwe kiri, mukola buli kimu kyonna.

137 Bangi ku mmwe Abapentekoote mwayogera mu nnimi, ne mukirako kawo gwe bayiye ku ddiba ly'ente, mazima ddala, naye olwava awo watandika kupepeya na muka-musajja, n'okola n'ebiringa ebyo. Ebyo si ye Mwoyo Omutukuvu, ow'oluganda.

138 Togeza kukkiriza kukyamuukirira n'ebiringa ebyo oba ekintu ekirala kyonna okutwala ekifo ky'Omwoyo Omutukuvu. Okuzaaliba obuggya bwe kujja, okyusibwa. Tolina kye weetaaga kukola kukikakasa. Obulamu bwo bukikakasa, nga bw'otambula. Obeera n'okwagala, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obukkakkamu, obuteefu, okugumiikiriza. Ekyo ky'obeera, era ensi yonna eraba Yesu Kristo mu ggwe.

139 Kati, okwogera mu nnimi, okuleekaana, ebyo bibala bubala ebigoberera Obulamu obw'engeri eyo.

Naye ate osobola, okugeegeenya ebibala ebyo, naye nga Obulamu obwo tobulina. Ekyo tukiraba. Ekyo bameka abakimanyi nti kituufu? Weewaawo, mukimanyi. Mazima ddala mukimanyi. Bannange! Mubiraba eyo yonna.

140 N'olwekyo, tewali ky'oyinza kusongako kugamba nti bwe bukakafu bw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu, okuggyako obulamu bw'otambuliramu. Kati, bw'oyagala okwogera mu nnimi, tekiriimu kabi konna kasita otambulira mu bulamu obuzigenderako. Bwe kiri. Bw'oyagala okuleekaana, tewali buzibu bwonna leekaana, kirungi. Nange, ndeekaana, oluusi nsanyuka nnyo n'engatto ne zintama; ne mbula okuzambulamu. Era ekyo kirungi nnyo. Nkikkiriza.

141 Ndabye okwolesebwa, ndabye abalwadde nga bawonyezebwa, n'abafu ne bazuukizibwa. Ababadde bagalamidde eyo nga abasawo babakongoseeko bagamba nga bwe, "Baafudde edda," ne babeera awo okumala essaawa eziwerako; naye Omwoyo Omutukuvu n'ajja n'alaga okwolesebwa, n'agamba genda osabire omuntu oyo adde engulu. Ndabyeko ba kiggala, ba kasiru, abazibe b'amaaso, n'abalema, nga batambula. Ekyo teki . . . Ebyo bibala bubala.

142 Ow'oluganda, edda ennyo, ensi bwe yali tennatondebwa, Katonda okuyita mu kisa Kye Ekitaggwaawo, Yatunula wansi, era olw'okumanyirawo kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo Yakulaba ggwe nange. Yamanya mulembe ki mwe tulibeera. Yamanya kye tuliba. N'olwekyo, olw'okulondebwa, Yatulonda nga n'ensi tennatondebwa, okubeera naye nga tetuliiko bbala.

143 Kati, bw'Aba yatulonda nga n'ensi tennatondebwa okubeera mu Ye nga tetuliiko bbala lyonna, ate ne tuzaalibwa nga tujjudde amabala, nga tewali kyonna kiyinza . . . nga tewali kiyinza kutulongoosa, tunaayinza tutya obutabeera—tuyinza tutya obutabeera na bbala lyonna? "Yatuma Omwana We eyazaalibwa omu yekka, amukkiriza aleme kubeera na nkomerero ya bulamu, wabula abeere n'Obulamu Obutaggwaawo; aleme okuzikirira, wabula abeere n'Obulamu Obutaggwaawo." Kitegeeza bwe tuyingira mu Ye, olw'okukkiriza, tulokolebwa olw'ekisa, Omwoyo Omutukuvu bw'atuyita.

144 Ku nsi bwe waali tewannabaawo mubiri gwonna, emibiri gyammwe gyali weegiri wano. Gyakolebwa okuva mu kalisiyamu, potashi, amazzi, ekitaangaala—ekitaangaala ky'ensi, amafuta, n'ebirala, ebirungo kkumi na mukaaga. Omwoyo Omutukuvu n'atandika okumaamira ensi, "nga agiraga okwagala." Era bwe Yali agimaamira, oluvannyuma lw'ekiseera, ne watutunukayo akamuli k'eddanga lya Paasika. N'agenda mu maaso n'okugimaamira ne watutunukayo omuddo, n'ebinyonyi, oluvannyuma, ne watutunukayo omuntu.

145 Kati, omukazi teyamubumba kuva mu ttaka lya nsi. Omukazi yasangibwa ali mu musajja, mu kusooka; omusajja n'omukazi bali omu. Na bwe kityo Yasowola busowozi lubiriizi, okuva mu Adamu, n'akolamu omukazi, okumubeerera omubeezi. Awo ekibi ne kijja. Kati ekibi bwe kyajja . . .

146 Katonda tayinza kuwangulwa, ka kibe kiki ekibaawo. Tayinza kuwangulwa. Awo, abakazi ne batandika okuzaala abantu ku nsi. Bw'atyo Katonda, okuyita mu kisa Ekitaggwaawo, n'alaba ani alirokolebwa, era n'Akuyita. "Tewali ayinza kujja gye Ndi, okuggyako nga Kitange y'amuyise, okusooka." "Si eri oyo ayagala, oba oyo adduka, wabula Katonda y'asaasira."

147 Ogenda n'ogamba nti, "Bannaaye, nnanoonya Katonda. Nnanoonya Katonda." Nedda, tomunoonyangako. Katonda ye yakunoonya. Bwe kityo bwe kyali ku lubereberye.

148 Adamu si ye yagenda nga ayita nti, "Ai Kitaffe, Kitaffe, nnyonoonye. Oli wa?"

149 Yali Kitaffe ye yamuyita nti, "O Adamu, Adamu, oli ludda wa?" Obwo bwe butonde bw'omuntu. Omuntu bw'atyo bw'ali. Bw'atyo bwe yakolebwa.

150 "Era tewali muntu asobola kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde. Era abo bonna Kitange be yampa . . . " Aleruuya! "Abo bonna abajja, Ndibawa Obulamu Obutaggwaawo, era Ndibazuukiza ku lunaku olw'enkomerero." Nga kya mukisa, nga kisuubizo eky'omukisa, okuva eri Katonda ow'Eggulu! Tujja kukituukako akawungeezi, awo we, "Yeerayira Ye mwene." Tewali amusinga bukulu. Olayira oyo akusinga. Ye tewali amusinga, bw'atyo Katonda yeerayira Ye

mwene. Tujja kukituukako, tulabe engeri gye Yakikolamu ne lwe Yakikola; ne yeerayira Yekka, nti Alituzuukiza era atufuule obusika Bwe Ye.

151 O, nga tusobola okuyimirira nga tutuukiridde era nga tuli banywevu, enkya ya leero! Okufa bwe kukwesimba mu maaso, naawe osobolera ddala okukutunuulira, n'oyogera nga Paawulo nti, "Okufa, empiso yo eri luuuyi wa? Ggwe amagombe, obuwanguzi bwo buli luuyi wa? Naye Katonda yeebazibwe, Oyo atuwa obuwanguzi okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo." Kiikyo. Lwaki?

152 "Ha, naye wakola ekintu *bwe kiti-ne-bwe kiti*."

153 "Nkimanyi nnakikola, naye mbikiddwaako n'Omusaayi Gwe." Aleruuya!

154 "Ku bw'Omwoyo omu, fenna twabatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Mmwe Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, kyonna kye muli, twabatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu. Tulina okussa ekimu, era tuli batuuze ab'Obwakabaka bwa Katonda, nga twatula, nti, "Tetuli ba nsi eno."

155 Jjuuzi, muwala wange omuto yajja gyendi, n'aŋŋamba nti, "Taata, oli omuwala yakoze *bw'ati*. N'oli omuwala yakola *bw'ati*. Ne bwe twakyala mu nnyumba eri. Baakola *kino-na-kino*." Ne ŋŋamba . . . N'ambuuza nti, "Ffe ebyo lwaki tetubikola?"

156 Ne mmugamba nti, "Mukwano, ffe tetuli ba mu nsi eyo. Bo babeera mu nsi yaabwe."

157 N'ambuuza nti, "Naye fenna tetutambulira ku ttaka lye limu?"

158 Ne mmugamba nti, "Bali ba nsi eno, mukwano. Ffe tetuli kye kimu n'abantu abo."

159 Bayibuli egamba nti, "Mubaveemu, mweyawule, bw'ayogera Katonda." Mukiraba, temuli kitundu ku bo. Era Obutonde obwo obuggya bwe bujja mu ggwe, teweetaaga kusooka kukusikayo. Obeera toyagala kuddayo, nga mukyala wa Lutti. Obeera ozaaliddwa, nga obivuddemu. Era obeera oli mu mutendera mulala. Era ebyo bibeera bikulabikira nga kasasiro.

Era kati, ne Amerika eno mwe tubeera, ennungi okukamala, efuuse muvuyo mwereere. Buli kimu kijjudde kwegomba na bakazi. N'abakazi engeri gye bambala, n'abasajja engeri gye beeyisaamu, ne—n'ebintu bye bakola, bwe bava awo ne beeyita, "Bakristayo."

160 Okugeza, Elvis Presley ono, eyagenda ne yeegatta ku kkanisa y'Abapentekoote. Ate nga, kituufu eyo . . . Yuda yafuna ebitundu amakumi asatu ebya ffeeza. Elvis yafuna luseregende lwa mmotoka kika kya Cadillac, ne—n'obukadde bwa doola eziwerako, olw'okutunda obusika bwe. Arthur Godfrey. Tunuulira abantu nga abo.

161 Tunuulira Jimmy Osborne wano eno mu Louisville, abeera eyo nga bakuba ennyimba zino ez'okwesuukunda eza boogie-woogie, ne rock-and-roll, ennyimba envundu ez'obugwenyufu. Bwe butuuka ku Ssande ku makya, n'akwata Bayibuli n'ayimirira ku kituuti n'abuulira. Nga kivume kya maanyi nnyo!

Tekyewuunyisa Bayibuli egamba nti, "Emmeeza zonna zijjudde ebisesemye." Kubanga, tuli mu mulembe omubi ennyo!

162 Abantu bwe bava awo ne bagamba nti, "Bannaaye, abasajja abo ba mwoyo." O! Temukimanyi nti ssetaani musinza omukuukutivu? Temukimanyi nti Kayini yali musinza nga Abeeri? Naye, teyalina Kubikkulirwa. Ky'ekyo. Okubikkulirwa teyakulina.

Weewaawo, fenna tugenda ku kkanisa, naye waliwo abalina Obulamu, abo be balina Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo mu mitima gyabwe. Si lwa kuba balina gwe baakwata mu ngalo, oba baabuukabuuka, si lwakuba beegatta ku kkanisa. Naye, Okubikkulirwa, nga Katonda amubabikkulidde.

163 Mulabe kye yagamba nti, "Nze Omwana w'omuntu, abantu, bampita ani?"

164 "Abamu bagamba Oli 'nnabbi.' Abalala bagamba nti Ye ggwe 'Eriya.' Ate abalala . . . "

N'ababuuza nti, "Naye mmwe mumpita ani?"

165 Peetero n'agamba nti, "Ye ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu." Ekyo tekyava mu kamwa ke.

166 N'amugamba nti, "Oli wa mukisa, Simooni, mutabani wa Yona, omubiri n'omusaayi kino si bye bikikubikkulidde. Kino tewakiyigirizibwa mu—mu mpisa ze bayigiriza mu Bayibuli, oba mu ttendekero ery'eby'eddiini. Olina omukisa, kubanga omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino. Wabula Kitange ali mu Ggulu y'akikubikkulidde. Era ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza."

167 Bw'oba oli Mukristaayo, enkya ya leero, olw'okuba olina ekkanisa mw'osabira, wabula. Bw'oba oli Mukristaayo kubanga wasomoka n'ova mu kufa n'odda mu Bulamu, toliiko musango; oli munda mu Kristo, buli kiseera weeyongera mu kutuukirira. Katonda takulabako kintu n'ekimu. Oyinza okugamba nti, "Naye, naakola ensobi?" Kituufu, naye tojja kuzikola kagenderere.

168 Kati ekyo tugenda kukituukako, mu ddakiika ntono ddala, "Kubanga oyo ayonoona kagenderere nga amaze okuweebwa okumanya amazima, tewasigaddeeyo ssaddaaka ndala olw'ekibi." Ekyo tujja kukikwatako akawungeezi, kubanga kati obudde buyise nnyo.

169 Leka tubeeko ennyiriri endala nga ziizo ze tusoma mu ssuula eno, tuwulire nga ddala kibadde kisaanye ffe okweyongera

okukkirirako wansi. Kale. Kati, ku olwo lwennyini kwe tujja okutandikira akawungeezi, olunyiriri olw'o 4. Muwulirize kino.

> *Kubanga tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa, ne* bafuulibwa . . . *ne* ba . . . *ne balega ku* maanyi, *ebirabo eby'omu ggulu*, *ne bafuulibwa abassa ekimu mu Mwoyo Omutukuvu,*
>
> *Era . . . ne balega ku kigambo kya Katonda ekirungi, ne ku* maanyi *ag'emirembe egigenda okujja,*
>
> *Bwe bagwa okubivaamu, tekiyinzika bo okwezza* obuggya . . . *olw'okwenenya;* . . .

Mukiraba? Kati ekyo tujja kukigatta n'eky'Abaebbulaniya 10, tubigeraageranye, okulaga kino kye kitegeeza.

170 Ab'emikwano, "Leka tweyongere mu maaso okutuuka mu kutuukirira." Tetulina . . . tetuli . . . Tetulina kya kwekwasa kyonna leero. Tetulina kya kwekwasa, kyonna. Katonda w'Eggulu alabise mu nnaku zino ez'oluvannyuma era akola ebintu bye bimu byennyini bye Yakola luli, bwe Yali wano, bwe Yali ku nsi. Akikakasizza, nga bwe tuzze tulaba okuyita mu Bayibuli eno. Era mmwe—mmwe, ekibiina, kino mukimanyi, nti tulabye kyamagero ku kyamagero, kabonero ku kabonero, kyewuunyo ku kyewuunyo, bye Yakola eri abaana mu ddungu, ebintu n'obubonero bwe Yakola; ebintu bye Yakola bwe yali wano ku nsi, bwe yalabisibwa mu mubiri; era ebintu bye bimu byennyini bigenda mu maaso leero, wano wennyini mu makkati gaffe. Ekigambo kiikino ekibikakasa. Kiikino ekiraga nti bituufu, ekikakasa nti bituufu. Omwoyo wa Katonda wuuno wano okukola ekintu kye kimu, n'olwekyo tetulina kya kwekwasa kyonna.

Ka tusabe.

171 Kitaffe ow'omu Ggulu, nga bwe tulaba nti twetooloddwa olufu lw'abajulirwa abenkanidde wano, tuyambe tuteeke ku bbali buli kigambo, buli kimu kyonna, buli kikyamu kyonna, buli kigambo ekibi kyonna, buli kigambo ekikyamu kyonna ekyogerwa, buli kirowoozo, "era leka tudduke n'obugumiikiriza embiro eziteereddwa mu maaso gaffe, nga tutunuulira oyo omutandisi era omutuukiriza w'okukkiriza kwaffe, Mukama waffe Yesu Kristo." O Erinnya Lye ettukuvu era eritenkanika lyebazibwe! Oyo Eyajja ku nsi okununula omuntu eyagwa, okumukomyawo mu kussa ekimu kwa Mukama Katonda. Era kino tukikwebaliza. Era kaakano olw'ekisa Kye . . . Si ffe twamulonda, wabula Ye yatulonda. Yagamba nti, "Si mmwe mwannonda Nze, naye Nze nnabalonda." Ddi? "Ensi bwe yali tennatondebwa."

172 Era, ayi Katonda omwagalwa, bwe wabaawo omuntu yenna wano enkya ya leero, oba oli awo nga kino azze akisindiikiriza mu maaso okumala emyaka n'emyaka, naye nga wabaddewo okukonkona ku mutima gwe entakera. Oba oli awo

yeegatta ku kkanisa, nga alowooza nti, "Kale, kino kinaakola." Kitaffe, amazima, Ebyawandiikibwa bikinnyonnyodde enkya ya leero: nti toyinza kwekweka mabega wa kkanisa, n'obeera mutuukirivu; era toyinza kuba mulungi, n'olekayo okulimba n'okubba n'okukola ebikyamu, nti olwo n'obeera mutuukirivu.

173 Tulina obutuukirivu bwa mulundi gumu gwokka, si obwaffe nga ffe, wabula obutuukirivu bwe Ye. Yatuukiriza obulokozi bwaffe. N'olwekyo, bwe tubeera mu Ye, Katonda talaba nsobi zaffe. Bwe tubaako ekikyamu kyonna kye tukola, wabaawo Omwoyo mu ffe, alaajana nti, "Ai Kitange, nsaba onsonyiwe!" Era okuyita mu ekyo Katonda takiraba. Era, tuyingizibwa mu kussa ekimu n'ekisa wamu Naye. Kituwe, ayi Mukama, nga bwe tuggalawo olukuŋŋaana luno, mu Linnya lya Kristo. Amiina.

174 Kati mu ddakiika ntono nnyo, nnina kye njagala okubabuuza. K'okole kiki kyonna, wabula. Muwulire kino. Emabegako . . . Nnandiba nga nnali nkyogeddeko. Waliwo ekintu ekyantuukako.

175 Nnali ngulu eri mu—mu Toledo, mu Ohio. Nnalinayo enkuŋŋaana ez'okudda buggya era—era nnali mu lukuŋŋaana era waliyo abantu bangi nnyo. Baali bamanyi zi wooteeri mwe nnali; kale banzigyayo ne bantwala munda eyo wabweru w'ekibuga. Gye nnali nsula, mu kisulo ky'abayise.

176 Emmere twali tugirya mu ka wooteeri k'Abadankaadi. Kaali kafo kalungi nnyo, mwalimu abakyala, nga balabikira ddala nga Abakristaayo era abatukuvu bwe bateekwa okubeera, nga bayonjo era nga balungi nnyo. Ssande n'etuuka, enjala n'ennuma. Nnali mmaze ekiseera nga ndi mu kusiiba. Ne njagala okusala ekkubo okubaako akafo akalala, we ŋŋenda nfune eky'okulya. Ku mabbali g'akakubo awo mu kkoona, waaliwo ekifo ekya bulijjo, eky'olukale, ekyali eky'Abamerika, we baaliiranga. Nga kafo, mwalimu akafo, akaduuka akatunda eby'okunywa, akaakolanga okukeesa obudde. Bwe nnayingirayo ku olwo ku Ssande, ku ssaawa nga munaana ez'olw'eggulo, nga sinnagenda kubuulira ku olwo olw'eggulo, nnali ntabuddwa, nga simanyi kya kukola.

177 Nnayingira munda, era kye nnasookera ddala okulaba yali muwala omuto eyali mu myaka nga kkumi na mukaaga, kkumi na munaana awo bwe watyo, omwagalwa wa maama omu, omwagalwa wa taata omu, nga ayimiridde awo n'omulenzi, nga amukutte mu kiwato. Waaliwo n'abavubuka abawerako abaali awo ku—ku mmeeza we basasulira.

178 Ne mpulira ekyuma kwe bazannyira zzaala. ŋŋenda okukyusa amaaso okutunula *erudda*, nga waliwo omupoliisi nga ayimiridde awo akutte omukazi, bw'ati, mu kiwato, nga azannya zaala ku kyuma. Kati, mmwe abava mu Buckeye, mukimanyi bulungi nti okuzannya zzaala n'ebyuuma ebyo ebya zaala tebikkirizibwa mu Ohio. Era mukimanyi nti kimenya

mateeka. Naye ate wuuno wano omuntu akwasisa amateeka, ate y'azannya ekyuma ekyo; ate nga musajja kyenkana bwe twenkana emyaka, oba oli awo n'obufumbo mufumbo, alina n'abaana, si na kindi n'abazzukulu. Omupoliisi, alawuna, nga ali ku kyuma kya zzaala azannya. Nga waliwo n'omuvubuka oli . . . Obuvubuka kiki kye bukoze? Kiki kino kye bukoze?

179 Kati ne nnyimirira awo. Tewali n'omu yandaba nga nnyingira, baali balina ebibatutte ebirowoozo, nga n'abasinga obungi batamidde. Kye nnava, nneetegereza ebigenda mu maaso. Ne mpulira omu nga agamba nti, "Naye, olowooza enkuba eneeyonoona lababu?" Ne ntunula erudda, nga waliwo omukyala eyali atudde awo, nga mukyala mukadde, ddala . . . Yali mu myaka nkaaga mu etaano, oba nga, akunukkiriza okuweza ensanvu. Omukyala oyo nga . . . Kati sinenya muntu yenna lwa kwagala kulabika bulungi. Naye bwe ya . . . Yali yeekozeeko, nga enviiri ze za bbululu, nga zonna bbululu mwereere. Nga yazikomola, waggulu, nga zonna za bbululu mwereere. Nga yenna yeesiize langi mu maaso, oba mubiyita mutya ebyo bye basiiga ku maaso, nga yenna ajjudde amabala. Nga ayambadde ekiwale ekimpi, nga bambi mukazi wattu yenna ajjudde enkanyanya okutuusa nti omubiri gwe, gwonna gwali gujjudde embugubugu, nga gwonna guyiikayiika *guti* okutuukira ddala ku bigere. Ate yali atamidde. Yali atudde awo n'omusajja omukadde, era kyali mu kiseera kya musana, nga ayambadde ekimu, ku bikabuuti bino eby'edda eby'amaggye, ekya langi ensiiwuukirivu. Nga kikka wansi bwe *kiti*, nga yeezingiridde n'akagoye mu bulago. Nga bombi, batamidde, bali n'omukazi ono omukadde.

180 Ne nnyimirira awo ne nneetoolooza amaaso. Ne ŋŋamba nti, "Katonda, bino obigumiikiriza otya? Kiki—kiki . . . Otunuulira otya ebintu nga ebyo? Bwe mba nga, nze omwonoonyi eyalokolebwa olw'ekisa, bindeetera okulowooza bwentyo, olwo ate—Ggwe oyinza otya okubitunuulira? Kubanga eky'amazima, kirabika Ggwe bwe wandibitunuulidde ensi yonna wandigitulisizza butulisa n'eggwaawo. Eno y'embeera abaana bange abato Rebekah ne Sarah mwe banaakulira? Eno y'ensi bawala bange abato ababiri gye banaasisinkana e—ensi ey'omulembe, nga bwe bwe bagiyita leero, abantu mwe beeyisa batyo? Katonda wange, nnyinza ntya oku . . . nkole ki?"

Weewaawo, kiba kisa Kye. Bwe baba baayawulibwa okufuna Obulamu Obutaggwaawo, bajja kubufuna. Bwe buba tebwabaawulibwa, tebajja. Ssimanyi. Ekyo kiri eri Katonda. Nze nja kukola kye nnina okukola.

181 Muli ne nneebuuza nti, "Ai Katonda, ebyo obigumiikiriza otya? Kirabika nga Ggwe omutukuvu ennyo okutuusa nti ekintu nga ekyo wandikisanguddewo busanguzi ne kiva ku nsi." Ne ŋŋamba nti, "Laba jjajja omukazi oyo bambi atudde awo. Laba omuwala omuto ali emabega wali. N'omukazi ono ayimiridde

wano, oba oli awo wa myaka nga abiri mu etaano. Nga omuserikale oyo nga amukutte mu kiwato mu ngeri eyo, nga bw'azannya zaala ku kyuma. Ddala amateeka *gaago* awo we gatuuse; eggwanga liweddemu ensa. Bannakazadde b'eggwanga *baabo* baweddemu ensa. N'abakadde *nabo* baweddemu ensa. N'omuwala omuto *wuuli* atudde wali, naye takyalimu nsa. Laba abavubuka, abandibadde mu kkanisa oba awalala wonna awatali wano."

182 Ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, nkole ki? Kyokka nga ndi wano mu kibuga kino, nkaaba n'omutima gwange gwonna, naye ne bakisambajja ne bakiziimuula nga gy'oli . . . " Muli ne nneebuuza nti, "Naye, Katonda?"

183 Kati, mu kaseera ako ekirowoozo ne kinzijira nti, "Bwe mba Ssibayise, banajja batya? Abo bonna Kitange be yampa balijja. 'Mulina amaaso naye temulaba, mulina amatu naye temuwulira.'"

184 Muli ne ndowooza nti, "Kati, ssinga Pulezidenti ye yazze mu kibuga mu kifo ky'olukuŋŋaana olw'okudda obuggya, buli omu yandibaddeyo. Ha, mazima ddala, ekyo kya nsi."

185 Ne ndowoozaamu nti, "Naye kati, Katonda, ate, lwaki t'Ojja buzzi, n'ojja, n'osindika Yesu ekintu kyonna n'akisaanyaawo ne luggwa? Teweetaaga na—n'okisaanyaawo omulundi gumu, ne kivaawo?"

186 Awo ne ntandika okulaba ekintu ekitambula mu maaso gange. Nga kiringa enkulungo kigenda kyeyiringula *bwe kiti*. Ne nsigala nga nneekaliriza. Ŋŋenda okulaba nga ndaba ensi egenda yeetooloola bwe yeetooloola. Ne ngyekaliriza, nga eringa erina ekigifuuyirwako. Ŋŋenda okwetegereza, nga ekyali kigifuuyirwako lwali luwandaggirize lwa matondo ga Musaayi, nga mamyufu, nga gugenda gufuuyirwa okwetoloola, ensi yonna; nga bwe yeetooloola nga kibonoomu, era kwaliko ekintu ekyekulungirivu bwe *kiti*. Ne nneekaliriza ekintu kino ekyeekulungirivu. Bwe nnatunula waggulu waakyo, ne ndaba Yesu mu kwolesebwa. Nga atunudde wansi. Ne nneeraba nga nnyimiridde wano ku nsi, nga nkola ebintu bye sisaanidde kukola. Era buli mulundi lwe nnayonoonanga, Katonda yandibadde anzita, "Kubanga, olunaku lwe muligulyako, lwe mulifa." Era obutuukirivu bwa Katonda n'obwenkanya biteekwa okutuukirizibwa, era wali wa kufa. Ne ntunula awo. Ne mbeera nga nkunya amaaso gange. Ne ŋŋamba nti, "Ssi . . . Ssinnaba kwebaka. Ndi . . . Kuno kwolesebwa. Nkakasa kuno kwolesebwa."

187 Ne nneeyongera okwekaliriza, nga nnyimiridde emabega w'oluggi. Ne ndaba ebibi byange nga bivaayo. Era buli mulundi lwe byabanga binaatera okutuuka ku Ntebe, nga Omusaayi Gwe gukola nga bbampa y'emmotoka. Nga gubikwata, ne ndaba nga Gwenyeenya, oluvannyuma Omusaayi ne gukulukuta okuva mu

maaso Ge. Ne mmulaba nga Ayimusa emikono Gye, n'agamba nti, "Kitange, musonyiwe, tamanyi ky'akola."

188 Ne nneeraba nga nkola ekintu ekirala, ne kiddamu ne kimunyeenya, ne kigwekoonako. Kyandibadde, Katonda yandibadde anzitirawo awo wennyini, naye Omusaayi Gwe gwali gunkutte. Gwali gukutte ebibi byange. Muli ne ŋŋamba nti, "O Katonda wange, ddala ekyo nze nnakikola? Mazima ddala oyo teyali nze." Naye yali nze.

189 Bwe nnavaawo ne ntambula *bwenti,* nga agenda okufuluma mu kisenge ekyo, ne nsembera w'Ali. Ne ndaba ekitabo nga kiri awo, kiriko erinnya lyange, nga kiwandiikiddwaako ennyukuta enzirugavu eza buli ngeri. Ne mmugamba nti, "Mukama, nsonyiwa olw'okukola kino. Ebibi byange bye byakuviirako okukola ekyo? Nze nnavaako Omusaayi Gwo okuyiibwa okwetooloola ensi yonna? Nze na—nze nnakutuusa ku kino, Mukama? Nsonyiwa olw'ekyo kye nnakola." Awo n'Ayanjuluza emikono gye. Ne ŋŋamba nti, "Nsaba Onsonyiwe? Ssaagenderera kukikola. Nja . . . Ggwe, olw'ekisa Kyo, nja kugezaako okubeera omuvubuka omulungi okusingako awo bw'Onannyamba."

190 N'agolola omukono Gwe ne yeekuba mu kifuba, n'agolola olugalo Lwe n'awandiika nti "osonyiyiddwa" ku kitabo kyange; n'akikasuka emabega We, mu Nnyanja ey'okwerabira. Ne nneeyongera okwetegereza. Ekyavaamu n'Aŋŋamba nti, "Ggwe, Nkusonyiwe, naye ate omukazi oyo ye oyagala kumusalira musango." Mukiraba? N'agamba nti, "Ggwe osonyiyiddwa, naye ate omukazi oyo? Ye oyagala kumusaanyaawo. Toyagala abeere mulamu."

191 Muli ne ŋŋamba nti, "Ai Katonda wange, nsaba kunsonyiwa. Ssaagenderedde kulowooza bwentyo. Ekyo si kye nnabadde njagala okukola. Sa—sa—ssagenderedde kukikola ekyo."

192 "Ggwe osonyiyiddwa. Era owulira bulungi. Naye ate omukazi oyo? Ekisonyiwo ekyo, naye akyetaaga. Akyetaaga."

193 "Naye," muli ne neebuuza nti, "Katonda wange, nze nnaamanya ntya gw'Oyise, ne gw'Otaayise?" Nze omulimu gwange kwogera eri buli omu.

194 Kati, bwe nnava mu kwolesebwa, ne ŋŋenda eri omukazi oyo. Ne mmubuuza nti, "Oli otya, nnyabo?" Abasajja bali ababiri baali bagenze kwetaawuluza. Era baali . . . Omukyala yali awo, nga alinga alina kasikonda, bw'atyo, nga bw'aseka. Nga eccupa ya wisiki eri awo ku mmeeza, manya, yali bbiya, omwenge nga guli awo, we baali banywera. Ne ŋŋenda w'ali. Ne mmubuuza nti, "Oli otya?"

Kko ye nti, "O, oli otya."

Ne mmubuuza nti, "Nsobola okutuulako wano?"

N'agamba nti, "O, nnina be ndi nabo."

Nze kwe kumugamba nti, "Ekyo si kye ntegeeza, mwannyinaze."

N'antunuulira bwe nnamuyita "mwannyinaze." N'ambuuza nti, "Oyagala ki?"

Ne mmubuuza nti, "Nsobola okugira nga ntuddeko wano?"

N'agamba nti, "Tuula." Ne ntuula.

Ne mmunyumiza ekibaddewo. Kye yava ambuuza nti, "Erinnya lyo ggwe ani?"

Kko nze, "Nze Branham."

N'ambuuza nti, "Ye ggwe musajja ali emmanga wano eno mu kibangirizi?"

Kko nze nti, "Yee, nnyabo."

195 N'agamba nti, "Mbadde njagala kujjayo." N'agamba nti, "Mw. Branham, nnakuzibwa mu maka Amakristaayo." N'agamba nti, "Nnina abawala abato babiri Abakristaayo. Naye waliwo, ebintu eby'enjawulo ebyabaawo," n'akwata ekkubo ekkyamu, manya n'awaba.

196 Ne mmugamba nti, "Naye, mwannyinaze, ssifaayo, Omusaayi gukyakwetoolodde. Ensi eno yonna ebikkiddwaako Omusaayi." Singa tekyali bwe kityo, fenna, Katonda yanditusse. Ye. . . Omusaayi ogwo bwe guliggyibwaawo, lindirira musango. Naye kati, ssinga ofa nga tolina Musaayi ogwo, n'osukka ekifo ekyo, waba tewakyaliwo kintu kyonna kisobola kukuyamba. Omusaayi leero gukyakweyimirira. Ne mmugamba nti, "Nnyabo, mazima ddala, Omusaayi gukyakubisseeko. Kasita oba nga okyassa omukka, Omusaayi gukyakubisseeko. Naye lumu omukka bwe gulikuvaamu, emmeeme n'ekuvaamu, olisukka Omusaayi ogwo, era awo tewaliba kirala kyonna okuggyako omusango. Kati nga bw'okyalina akakisa ak'okusonyiyibwa . . . " Ne mmukwata ku mukono.

197 Nga bw'akaaba, n'agamba nti, "Mw. Branham, naye nga nnywa omwenge."

198 Ne mmugamba nti, "Eyo si nsonga. *Waliwo Ekintu* ekindabudde ne kiŋŋamba nzijje nkugambe." Ne mmugamba nti, "Mwannyinaze, Katonda, yakuyita, nga n'ensi tennatondebwa. Naye oli mu kwonoona, ate oyongera kubyonoona bwonoonyi."

199 N'ambuuza nti, "Olowooza Asobola okunsembeza?"

200 Ne mmugamba nti, "Mazima ddala, Ajja kukusembeza."

201 N'akka ku maviivi ge, ne tufukamira wansi awo ku ttaka, ne tubeera n'olukuŋŋaana olw'okusaba kuli okw'enkola ey'edda. N'omuserikale oli naye n'aggyako enkofiira ye n'afukamira ku vviivi limu. Ne tubeera n'olukuŋŋaana olw'okusaba, mu kifo ekyo. Lwaki? Kubanga Katonda ali waggulu wa byonna.

"Nga tuteeka ku bbali ebikolwa bino ebifu, leka tuyitirire okutuuka ku kutuukirira."

202 Leka tweyongere ku mutendera bino ebya, "Nnina ekkanisa mwe nsabira; Ndi wa *kiri*," byonna we bikoma. Olwo tweyongereyo okutuuka ku kutuukirira.

203 Mukwano gwange omwonoonyi, bw'oba tolina Musaayi leero, nga tolina bulokozi, tolina kisa, Omusaayi gwa Yesu Kristo gukyakuwaniridde. Oyinza okugamba nti, "Naye nga mbaddewo ekiseera kino kyonna." Naye lumu oligenda eyo awatali kintu kyonna kirikweyimirira.

Kaakano leka tusabe, nga tukotese emitwe gyaffe.

204 Wandiba, nga waliwo, omuntu omu yenna leero eyandyagadde okugamba nti, "Ayi Katonda nkwatirwa ekisa, ntegedde nga nnasobya"? Oyinza okuba weegatta ku kkanisa. Ekyo kirungi. Naye bw'oba tosembezanga kisa kya Kristo, osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham"? Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Ekyo kirungi. To . . . Katonda akuwe omukisa, ssebo, emabega wali. Naawe, Katonda akuwe omukisa. Naawe ali emabega eri, weewaawo, Katonda akuwe omukisa. Yimusa omukono gwo. Bwe kiri. Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Ayi Katonda, onkwatirwe ekisa."

205 Oyinza okugamba nti, "Nze nnina ekkanisa mwe nsabira, Ow'oluganda Branham. Weewaawo, nge—ngezezzaako okuba omulungi, naye simanyi, nninga, ndabika nga, alemereddwa." O, wattu mutambuze, mukwano gwange akaddiye, ggwe bambi n'okukitegeera tokitegeeranga.

206 Oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnaleekaana. Nnayogera mu nnimi. Nnakola bino byonna." N'ebyo nabyo byandiba, ebituufu. Ebyo byonna birungi, sirina kikyamu kyonna kye mbyogerako.

Naye, mukwano gwange omwagalwa, eyabula, naye, okwogera mu nnimi, oba okujugumira, oba okukwatagana mu ngalo, oba okubatizibwa, ebyo, ebyo byonna birungi. Naye, okumumanya, kuba kumanya Muntu oyo. "Okumumanya bwe Bulamu."

207 Oyinza okugamba nti, "Nze Bayibuli ngimanyi, bulungi." Naye, okumanya Bayibuli, si bwe Bulamu. "Okumumanya Ye," nnakasigirwa eyo ey'obuntu, "okumumanya Ye, Kristo," n'okimanya nti Yakusonyiwa.

Musobola okuddamu ne muyimusa emikono gyammwe, nate era, waliyo omuntu omulala yenna? Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa erudda wano, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa muvubuka, emabega wali. Katonda akuwe omukisa mwannyinaze, erudda wano. Katonda akuwe omukisa, ali emabega, awo. Bwe kiri. "Okumumanya Ye, bwe Bulamu."

"Ow'oluganda Branham, nzijukira. Ndi wano, wennyini mu katebe kange, ŋŋenda kusembeza Kristo."

208 Gamba nti, "Jangu mu mutima gwange, Mukama Yesu, era ompe emirembe egyo, n'obulungi obwo." Okugenda ku kkanisa, ne mukuba ebivuga n'amaanyi nga bwe musobola, n'ozina amazina okubula okwekutula, ne weetala mu lukuubo; n'ova awo n'odda eka, ne weeraliikirira, n'oyuuzibwa eno n'eri, n'okaayana, oyo tabeera Kristo. Ne mugenda mu kkanisa, ne mutuula ne muwuliriza engeri olutindo bwe lugenda okusiigibwa langi, oba *ekintu bwe kityo*, ne mutawuliriza Kigambo. Ekigambo kye kireeta Obulamu. Ekigambo y'Ensigo. Temwagala mirembe?

209 Okufa kukweraliikiriza? Nti osobola okufa ekikutuko leero, kikweraliikiriza? Oba osanyuka, n'ogamba nti, "Singa kibaawo ŋŋenda kubeera ne Mukama waffe Yesu ku nkomerero y'olugendo luno"? Omumanyi? Bw'oba tomumanyi, yimusa omukono gwo. Tugenda kukusabira. Weewaawo, ow'oluganda, naawe.

210 Kale, kaakano mu mutima gwo yimba oluyimba luno.

Nzija nga bwe ndi, nga sirina kya kwewolereza kyonna,
Okuggyako eky'okuba nti Omusaayi Gwo gwayiibwa (ku lw'ani?) ku lwange,
Kubanga nsuubiza, nga nja kukkiriza,
Ai Omwana gw'endiga, Ai Omwana gw'endiga gwa Katonda, nzize. Nzize, mu bwetowaze, n'okusaasirwa.

Nga . . .

Tambula ogende gy'Ali, olw'okukkiriza. Kkiriza nti Ayimiridde awo wennyini ku mabbali go. Waali.

. . .-ssesisiggiriza yadde
Okutakkuluza emmeeme yange okuva (okuva mu byenkana wa?) wadde okumu . . . (obusungu, obuggya),
Eri Oyo Nnannyini Musaayi ogusobola okunaalizaawo ddala buli bbala,
Ai Omwana gw'endiga . . .

211 "Olw'okukkiriza ŋŋenda eri omusaalaba, enkya ya leero. Nteeka wansi emigugu gyange. Nzize." Katonda akuwe omukisa emabega wali. Ekyo kirungi. [Ow'oluganda Branham amuumuunya *Nga Bwendi*—Omuk.] Kati leka butafaayo. Mu kwagala, n'obuwoomerevu, tambula ogende eri omusaalaba.

212 Mu Ndagaano Enkadde, baaleetanga omwana gw'endiga. Baakimanyanga nti boonoonye, baakitegeeranga okusinziira ku mateeka. Naawe kaakano okitegedde, kubanga Katonda ayogedde eri omutima gwo. Baatunuulanga ku mateeka,

"Toyendanga. Tokolanga *kino na kino*." Ne bakwata omwana gw'endiga, ne bagenda nagwo ne bateeka emikono gyabwe ku mwana gw'endiga ogwo, nga kabona bw'agusalako ensingo. Bambi ne gusambagala, ne gutonnya omusaayi, ne gukaaba, nga gufa. Emikono gy'omusinza gye yabanga agutaddeko gyonna ne gibuna omusaayi. Omwana gw'endiga gwafanga mu kifo kye, naye yafulumanga akyalina okuyaayaana kwe kumu okw'okukola ekintu kye kimu.

213 Naye mu kifo kino, tujja olw'okukkiriza, okuyita mu kisa. Katonda yatuyita. Tuteeka emikono gyaffe ku mutwe gw'Omwana gw'endiga gwa Katonda. Tuwulira eddoboozi ly'ennyondo eyeewuuba. Tuwulira Eddoboozi eryo erigamba nti, "Ennyonta ennuma; Mumpe eky'okunywa. Kitange, ekibi kino tokibabalirako; kye bakola tebakimanyi." Mukiraba? Olw'okukkiriza, tuwulira okufa Kwe nga afa mu kifo kyaffe. Era munda mu mitima gyaffe wajja emirembe, egya nnamaddala egitebenkeza, Eddoboozi bwe ligamba nti, "Kati osonyiyiddwa. Genda toddayo kwonoona." Nga, tutambula ne tuvaawo, olw'ekisa, oluvannyuma lw'ekyo, nga tetukyalina kuyaayaana kuli, wabula nga tulina okuyaayaana okw'obutaddamu kwonoona oba okukola ekintu kyonna ekikyamu. Emirembe egisukkulumye okutegeera kwonna, giba giyingidde mu mutima gwaffe.

Mulyanirize kaakano nga bwe tusaba, buli omu, fenna wamu.

214 Kitaffe ow'omu Ggulu, bajja olw'okukkiriza, okuyita mu kisa. Waliwo emikono egiwerako egiyimusiddwa. By'ebibala by'Obubaka. Bajja gy'Oli. Bakkiriza. Nange, mbakkiririzaamu, Mukama. Nzikiriza nti, mazima ddala, Omwoyo Omutukuvu ayogedde gye bali. Era olw'okukkiriza kaakano balinyalinnya eddaala lya Yakobo, nga bambuka okutuuka wansi w'omusalaba, beetikkuleko ebibi byabwe byonna babisse wansi awo, nga bwe bagamba nti, "Ayi Mukama, binnyinze. Ssikyayinza kubyetikka. Nnyamba Ontikkule omugugu gwange guno ogw'ekibi, onzigyemu n'okuyaayaana mu mutima gwange okw'okukikola? Era olw'okukkiriza, nzikiriza, leero, nkusembeze nga Omulokozi wange. Nange okuva kaakano n'okweyongerayo, nnaakugobereranga buli gy'Onogendanga yonna, okutuusa ku nkomerero y'olugendo. Ntegedde kye kitegeeza 'okugenda okutuuka ku kutuukirira,' si kugenda bugenzi ku kkanisa, na kulemera ku bikolwa ebifu nga okubatizibwa okutali kumu n'ebirala. Naye njagala ŋŋende mu maaso, okutuusa lwe nnaaba nga sikyali mulamu, Kristo abeere omulamu mu nze."

215 Ai Yesu, kino kiwe buli mmeeme eboneredde, enkya ya leero. Buli omu yenna ayimusizza emikono gye afune Obulamu Obutaggwaawo kubanga Wakisuubiza. Bakkirizza mu lujjudde. Bayimusizza emikono gyabwe. Bamenye amateeka

gonna aga kimiimansi. Baswazizza ssaayaansi, kubanga ssaayaansi agamba nti, "Emikono gyo girina kulengejja." Ekyo buli kimu kyonna kikikakasa mu ssaayaansi, nti girina kusigala wansi, kubanga amaanyi ga kimiimansi gagisika gagizza wansi. Naye mu bo mubaddemu omwoyo akoze okusalawo, ne bamenya amateeka ga kimiimansi ne bayimusa emikono gyabwe. Ogirabye, ayi Mukama. Amannya gaabwe wagawandiika mu Kitabo. "Basonyiyiddwa." Kaakano ekitabo ekikadde kisuuliddwa mu Nnyanja ey'Okwerabira, obutaddamu kujjukirwa. Leka beeyongere mu maaso leero, nga Abakristaayo abalungi, abajjudde okwagala, okukuweereza. Era ob'olyawo waliwo bangi abatayimusizza mikono gyabwe, naye nabo kibawe.

216 Leka abatukuvu beeyongere okusembera ku lusegere lwo, ayi Mukama, kubanga tweyongedde okusemberera okudda Eka olunaku olulala lumu okusinga bwe twabadde eggulo. Beera naffe, ayi Mukama, kubanga tukisabye mu Linnya lya Kristo era ku lw'ekitiibwa Kye. Amiina.

57-0908M Abaebbulaniya, Essuula Ey'Okutaano n'Ey'Omukaaga #1
Branham Tabernacle
Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org